# SENIOR THREE 335/2 LUGANDA

# AMAGGWA N'EMITEGO MU BUVUBUKA

**Ennyanjula**

Amaggwan'emitego mu Buvubuka Lugero olwawandiikibwa 'Mukyala Ruth Kaboggoza era nga lutwoleka ebizibu abavubuka bye basanga okuviira ddala mu buto okutuuka lwe beetongola/ Iwebagenda mu ddya.

Okusoomozebwa kuno omuwandiisi kw'ayiseenkongen'emitego mu buvubuka. Omuwandiisi alaga obukulu bw'obibuuliriron'emikwano gye tukola nga bwe gisobolalakukyusaeneeyisa y'omuntu. Osiiuwandiisiatusiigidde ekifaananyi ky'abawalaabasangaamaggwa ne gabafumita, abamu ne batava wansi ate abalala ne bavaawo.

**Eddiba ly'akatabo.**

Eddiba kye kimu ku bintu omusomi byatasaanyekubuusamaaso singa abeera agenda okusoma akatabok'olugerolwonna anti nalyolirina obubaka bwerituusa eri omusomi. Ku ddiba twetegerezaako bino wammanga;

(a) **Omutwe gw'akatabo**

Olugero luno lulina omutwe ogwa "Amaggwan'EmitegoBuvubuka". Amaggwagatulaga ebizibu ate emitegobulippoobutusuulibwamu abalala mu bugenderevu oba butalibugenderevu.

Omutwe guno gutusunirako ku ebyo ebiri mu lugero bwe gutyo ne gutusikiriza okusoma olugero.

(b) **Ekifaananyi**

Olugero lulina ekifaananyi ky'omuvubuka omuwala wab nga yetoololddwaamaggwaekikwatagana obulungi n'omutgw'akataboogugamba;

"Amaggwan'Emitego mu Buvubuka”. Ekifaananyi kino kitusikiriza okusoma ebyo ebiri munda mu lugero.

(c) **Ebikwata ku muwandiisi**

Omuwandiisi w'olugero luno ye mukyala Ruth N. Kaboggoyazaalibwa e Kira ButendaKyaddondo. Bazadde be bebagenziYonasaniSsalongoKasibante ne NnalongoNakuyaKasibante.

Yasomera mu masomero gano;

- Kira Primary School.
- Gayaza C/U Primary School.
- Mengo S. S. School.
- Yagenda e Nakawa gye yaggya ebbaluwa mu bawandiisi.

**Emirimu gye yagikolera mu bifo bino;**

- Yakolako mu kitongoleekya UGIL.
- Mu Uganda Posts and Telecommunication Kampala.
- Yalikoomubaka wa Ssaabasajja e Lungujja.
- Yakolako mu office ya Katikkiro ku mulembe w MulwanyammuliSsemogerere.
- Yali mukyala musuubuziwano mu Uganda n’ebweru.
- Yali mulimi ate nga mulunzi.
- Ruth Kaboggoza yeddiraMpindi.

**Olugero mu bufunze;**

Olugero luno lwetoloolera ku mwana muwala Cissy eyazaalibwa mu maka agaamuteekateeka, naye amaggwan'emitegoby'asanga mu bulamu kabulakatabimusinzeamaanyi.

Omuwala ono afuna okubuulirirwa okuva mu bakadde be awamu n'emikwano gye emirungi. Wadde ng'okubuulirirwa kuno kwaliwo naye ate ebisoomoza obulamu bwe by'agenda mu maaso era olumuyagwanga mu butego.

Wabula oluvannyuma akyusa empisa ze ne yeekuba mu kifuba ne yeetondera kitaawe ne mwannyina olw'ebisobyo byonna byeyakola bw'atyo n'amaliriza emisomo gye n'afuna omulimu era n'atuuka ne ku kkulaly'obufumbo.

**OBUKUGU/OBUKODYO BW'OMUWANDIISI MU LUGERO**

Bino by'ebintu ebyenjawulo omuwandiisi byeyeeyambisa mu lugero okusobola okulufuulaolunnyuvu awamu n'okusikiriza abasomi be okusigala nga basoma. Ruth Kaboggoza yeeyambisa obukodyo buno wammanga.

- Olugero lwe aluwadde omutwe ogwa “Amaggwan’emitego mu Buvubuka" ogusunira ku musomi we ku ebyo by'agenda okusoma mu lugero awamu n'okumusikiriza.

- Akubye ekifaananyi ku ddiba eky'omuwalaomuvubuka omubalagavu ng'ali mu maggwa. Kino kyongeraokunnyonnyola omusomi we ebyo by'agenda okusomako munda mu lugero.

- Atuwandiikira ebimukwatako ku ddiba. Kino kikulu nnyo eri omusomi kubanga kimusobozesa okumanya ensongaeziviirako omuwandiisi ono okuwandiika ngabw'awandiika awamu n'okutegeera olugero.

- Omuwandiisi atuwandiikira olugero lwe mu ku ddiba kano kakodyoakayamba omusomi okumar ebiri mu lugero awamu n'okumusikiriza okulusoma.

- Olugero lwe alutaddemu essuula ez’enjawulo era nga ziri kkumi na musanvu, zino ziyamba okutuusa obubaka obw’enjawulo eri omusomi awamu n'okuwummuza omusomi asobole okwefumiitiriza ku by'asomye.

- Buli ssuulagy'atadde mu lugero agiwadde omutwe ogutuukira obulungi ku ebyo by'agiwandiiseemu kino kisikiriza omusomi okusoma essuula eyo. Okugeza 'Cissy afuna ekyekango'.

- Awandiika ku bintu ebiri mu bulamu obwabulijjo, okugeza okusoma, abayizi okuganzibwa abasomesa nga bali mu ssomero nga bwe gwali ku Cissy. Kino kiyamba omusomi okutegeera obulungi ebyo by'abaasoma.

- Olugero lwe alussaamu obunkenke nga buno buyamba omusomi okwongera okwagala okusoma okugeza Cissy bwe yasanga ewaka Kitaawe kyokka nga yali ava kunywa mwenge.

- Omuwandiisi yeeyambisa olulimi oluggyayo obulungi ebyo by'ayogerako okugeza olulimi oluwaana nga Cissy lwe yakozesa mu bbaluwa gye yawandiikira muganzi we Joswa.

- Omuwandiisi atabinkiriza ennimi oluganda awamu n'oluzungu okusobola okuggyayo obulungi ekyoky' ayogerako kino kiyamba omusomi okutegeera obulungi olugero.

- Olugero lwe aluteekamu obukuubagano nga buno buyamba okuzimba obulamu obwa bulijjo awamu n’okutuusa obubaka obw’enjawulo eri omusomi okugeza Cissy akuubagana ne Mpiso (Omusomesa we).

- Atuuma amannya agatuukira ku bikolwa by'abantu okugeza omusomesaMpisoeyaganza Cissy omuwalagw’asomesa. Kino kiyamba okuggirayo omusomi ekifaananyi ekituufu ku oyoayogerwako.

- Olugero aluteekamu emiramwa egy'enjawulo egiyamba okuleeta eby'okuyiga eri omusomi we okugeza; obwenzi, okusoma, eŋŋunjulay'abaanan'emirala.

- Ayolesa obwenkanya mu lugero lwe anti abakola obubi ababonereza okugeza Ntabadde bw'asalawoaggyemu olubuto afa kyokka ate Cissy bw'akyusa empisa ze amaliriza emisomo gye n'afuna omulimu awamu n'obufumbo.

- Olugero lwe lwa kigero (si luwanvu nnyo) kino kiyamba omusomi obutakoowa awamu n'obuteetamwaby'asoma.

- Ataddemuebyafaayo ebyenjawulo kino kiyamba omusomi okumanya ebyo ebyaliwo awamu n'ensibukoy'enjogera /olugero ebimu mu lulimi okugeza ssenga wa Cissy amunyumiza ku nsibuko y'olugero olugamba nti, "Boogezaessiru, baayogezamukaMukwenda".

- Olugero lwe alutaddemu ebyobuwangwa by'abaganda eby'enjawulo ekiyamba omusomi okumanya obukulu bwabyo okugeza obukulu bwa ssenga.

**EMIRAMWA EGIRI MU LUGERO.**

Olugero "Amaggwan'emitego mu Buvubuka", omuwandiisi waalwo aluzimbira ku miramwa egyenjawulo okusobola okutuusa obubaka eri omusomi we era gino gy'emiramwa egiri mu lugero.

**Okusoma**

- Omuwandiisi atwoleka obukulu bw'okusoma bw'atulaga Cissy ng'akwettanira era n'amala n'afuna omulimu ogwamuyambaokwebeezaawo.

**Obufumbo**

- Empisa ey'obufumboyeeyolekedde mu lugero anti omuwandiisi atulaze abantu ab'enjawulo abaali mu bufumbo okugeza obwa Ssewambwa wamu ne mukyala we, obwa Tezigattwa ko ne Bazzakyabwe kyokka ne Cissy naye yamala ne yeefunira ekkubo ly'obufumbo.

**Eŋŋunjulay'abaana**

- Omuwandiisi atwolese eŋŋunjula y'abaanang'omulamwa omukulu mu lugero okugeza bazadde ba Cissy nga bamazeokubaako n'engeri gye bamukuzaamu era baamuweereza ewa ssenga we na ayongereokumubangula.

**Obwenzi**

- Olugero luzimbiddwa ku mulamwa gw'obwenzi e ng'omuwandiisiavumiriraekikolwa kino naddala mu bavubuka okugeza Ntabadde bw'alemera ku basajja afuna olubuto kyokka abasajja bonna beyali ayagala balwegaana.

**Ettamiiro**

- Olugero lufumbekeddemu omuze gw'okutamiira okugeza Cissy ne Kirimuttu bettaniranga nnyo okunnywa omwenge era olumu Cissy gwamulwaza n'atuuka ne ku kitanda.

**Ettemu**

- Omuwandiisi atwolese ettemu mu lugero okugeza agasajja (Abdala ne Nasibu) agaawamba Cissy ne mukwano gwe Nnamugaanyigaaligatemulukulwe era nga gasse abantu abawerako naddala abakyala.

**Obuggya**

- Mu lugero luno omuwandiisi atwoleka obuggya mu bantu okugeza Ssenga wa Cissy Tezigattwaamukwatirwa obuggya oluvannyuma lwa bbaabweokumuguliraolugoyeng'amusiimaolw'okukola emirimu.

**Ebyobuwangwa**

- Olugero luno lwetoloolera ku buwangwa bw' Abagandaobw’enjawulo okugeza; empisa y'okuwasan’okufumbirwa, okukyalira ensikon'obukulu bwa ssenga.

**Emikwano**

- Omuwandiisi atuzimbidde emikwano mu lugero naye ng'egimutegizimba okugeza Bukirwa yali mukwano gwa Cissy naye ng'amuwa amagezi ag'okuganza abalenzi.

**Obukozi**

- Guno nagwo mulamwa mukulu anti omuwandiisi atwoleka abantu nga bettanira okukola emirimu egy'enjawulo okugeza obusomesa, ate ne ssenga wa Cissy Tezigattwa yali mukyala mukozi.

**Ettima**

- Mu lugero mufumbekeddemu abantu ab'ettima okugeza Abdala ne Nasibu abakwatanga abavubuka ne babatwala mu guyumba ate ne babatta.

**Ekisa**

- Omuwandiisi atwoleka abantu abalina ekisa okugeza amakaagaayamba Cissy ne Nnamugaanyi nga bamazeokudduka ku gasajjagakalibutemu.

**Obulimba**

**Eddiini**

- Okugeza Cissy yali ayagala nnyo okugenda okusinza ku ssande era n'ewaSsengawebaagendanga mu sinzizo.

**Empisa y'ekizzaŋŋanda**

**Okukyakala**

**EBY'OKUYIGA EBIRI MU LUGERO**

Ruth Kaboggoza mu kuwandiika olugero lwe luno, agendereramu okutuusa obubaka obw’enjawulo eri omusomi era bino bye by'okuyiga mu lugero.

- Omusomi; ayiga okwettanira okusoma nga Cissy bwe yafuba wadde nga waaliwoemitego mingi yagimaliriza.
- Okwewala emikwanoegitazimba kubanga giyliokutusuula mu buzibu okugeza Cissy yasala amagezi n'ava ku Bukirwa.
- Okuyigiriza abaana emirimu basobole okuvaamu a ban: ab'obuvunaanyizibwa okugeza Tezigattwa ayigiriza Cissy okwewala okuban'obuggya si kubeera nga ba Kizibwe ba Cissy abaamulekera emirimu kuba baali bamuwaddeolugoye.
- Okubeera abakozi okugeza Cissy muwala mukozi e y'ensonga eyamuviiraakookusiimibwa n'afuna olugoye.

- Okwewala okuggyamuembuto anti ziviirako obuzibu bungi oluusi n'okufa okugeza Ntabadde afaolwokugezaakookuluggyamu.
- Okwewala okugattika abasajja okugeza Ntabadde agattika abasajja kyokka bw'afuna olubuto bonna bamwegaana.
- Tuyigaokusiima abo abakoze obulungi okugeza Bazzakyabweasiima Cissy olw'okukola emirimu ewaka.
- Tuyigaokwetonda nga tukozeensobi okugeza Cissy yeetondera Kitaawe bwe yamukwatang'anywede omwenge.
- Okwewala okukwanaemikwanoegitazimba okugeza Cissy yasalawo okweggya ku Bukirwa.
- Okwewala obukaba na ddala nga tuli mu masomero so ssi kubeera nga Bukirwa ne Mukalazi.
- Okwogera amazima mu mbeera yonna si kubeera nga Mulerwaeyakyusa omwana wa munne omulenzi n'amuwa omukyalakaddulubaale.
- Okutuukiriza ebisuubizo byaffe sikubeera nga Kirimuttu eyasuubiza Cissy okumuwasa kyokka namwefuulira.
- Kubeera n'omukwano ogwanamaddala okugeza Ssewambwayafuba okuweerera Cissy n'amalako emisomo.
- Okwewala okunywa omwenge anti Cissy bwe yagunywa ng'ali ne Kirimuttu gwamulwaza.

**EKIFAANANYI KY'OMUWANDIISI MU LUGERO**

Omuntu yenna bw'asoma olugero luno talemwa kulaba kifaananyi kya muwandiisi era olugero lutuloopera omuwandiisi walwo mu ngeri zino;

- Omuwandiisi mukvala mufumbo mugundiivu antiatuzimbira empisa ey'obufumbo okugeza Ssewambwa ne mukyala we. Tezigattwa ne Bazzakyabwe bafumbo abawedde emirimu.

- Munnabyabuwangwa kubanga mu kuwandiika olugero lwe eby'obuwangwa by'Abagandatabisudde muguluka okugeza empisa z'obufumbong'okukyaliraensiko.

- Muyivu kubanga okusoma akuteeka ku mwanjo mu lugero bw'atulaga Cissy ng'afuba okusoma era n'amalako emisomo gye.

- Muganda okusinziira ku by'awandiikako ate era n'obuwangwa bw'Abaganda" tabusuula muguluka mu lugero lwe anti atulaga obukulu bwa Ssenga.

- Mukozi, kubanga atuzimbira abantu awamu n'amakaamakozi mu lugero lwe okugeza aga Ssewambwa ne Tezigattwa.

- Mukyala muzadde okugeza atuzimbira abazadde ab'enjawulo n'engeri gye bagunjulamu abaana baabwe. Tezigattwa ayigiriza abaana emirimu.

- Amanyi ebyafaayobwatunyonnyola ku nnono/olugero lwa Boogezaessiru, baayogezamukaMukwenda".

- Amanyi okubuulirira anti atuzimbira olugero lwe nga mulimu abantu ababuulirira okugeza Tezigattwa abuulirira Cissy bwe yali agenda okuva ewuwe.

- Omuwandiisimunnakibuga kubanga olugero lwealwetolooleza nnyo ku bulamu bw'ekibuga n'ebyo ebibeerayo okugeza emisomo gya Cissy gyonna agikwatira mu kibuga.

- Omuwandiisi avumiriraobukaba awamu n'obwenzi kubanga Ntabadde bwe yagattika abasajja n'afuna olubuto bonna bamwegaana ate mu kuluggyamuafa.

- Alina eddiini kubanga asobolaokuzimba, amakaBazzakyabwe nga bagenda mu sinzizo ku Ssande.

- Amanyi obuzibu abavubuka bwe bayitamu mu bulamu bwaabwe y'ensonga emusobozesezzaokuzimba olugero.

- Mukyala munnyumya okusinziira ku gy'asengekamu olugero lwe awamu n'olulimilwakoze nga yeeyambisa ebisoko n'engero.

**EBIBUUZO**

*1. Nnyonnyolan'ebyokulabirako engeri olugero luno gye lukozeng'endabirwamuy'omuwandiisi waalwo.*

*2. Olugero "Amaggwan'emitego mu Buvubuka" lutuloopera lutya Omuwandiisi waalwo?*

**ABAGANYULWA MU LUGERO**

- Okusobola okututuusaako eby'okuyiga eby'enjawulo anti Olugero lwe luno yayagala okutuusa obubaka obw'enjawulo eri abasomi be abenjawulo. Bano wammanga be bantu bawandiikira;

- **Abavubuka;** omuwandiisi ayagala abavubuka bafube okwewala emitegoegyo gye basanga mu bulamu bwabwe okusobola okutambuza obulamu bwabwe okugeza Cissy yafuba n'amalako emisomo gye.

- **Abafumbo**; Bano omuwandiisi abasibiriraentandaey'okubeeran'omukwano ogwa namaddala okugeza; Ssewambwa yalina omukwano ne mukyala we.

- **Abazadde;** Bano abayigirizaokusomesa abaana baabwe empisa awamu n'okubayigiriza emirimu nga Tezigattwa bwe yayigiriza abaana be ne Cissy.

- **Abasomesa;** Omuwandiisi abayigiriza okwewala okuganza abaana be basomesa, si kubeera nga Mpisoeyaganza Cissy nga yeefuula ayagala okumuyamba.

- **Abayizi;** Bano bayiga okwegendereza abasomesa abeefuulaababayamba ate nga balina ebigendererwabirala nga Cissy bweyafuba okwewala Mpiso.

- **Abaana ab'obuwala;** abawandiikira okwegendereza emikwano gye bafuna awamu n'okwewala okuggyamuembuto nga Ntabadde bweyakola ate n'afa.

- **Bassenga;** bano bayiga okufaayo ku baana ba bannyinaabwe nga babayigiriza emirimu awamu n'empisa.

- **Abaami;** bano omuwandiisi abayigiriza okubeera abenkanya okugeza Bazzakyabweasiima Cissy olw'okukola emirimu ate era ne mukyala we n'amuwa olugoye.

- **Abakwasisaamateeka;** bano bayiga okusalawon'obwenkanya awamu n'okubonereza abo abababazzizzaemisango.

**EKIBUUZO**

*Nnyonnyolan'ebyokulabirako engeri abazadde gye baganyulwa mu lugero "Amaggwan'emitego mu Buvubuka".*

**AMAGGWA N'EMITEGO MU BULAMU BW'ABAVUBUKA (ENGERI OMUTWE GW'OLUGERO GYE GUTUUKIRA KU LUGERO)**

Amaggwan'emitegoby'ebizibu awamu n'obulippo abavubuka naddala aboobuwala bye basanga mu bulamu bwabwe. Bi by'ebizibu abavubuka bye basanga;

- Okusendebwasendebwa mu mukwano okugeza Mpyeesiba ku Cissy ng'amuganza kyokka nga yali musomri we, ate ng'omwanaali ku ssomero ekyamuwa obuzibu

- Emikwanoemikyamu okugeza Cissy afuna Ndibassa nga yakatuuka ku ssomero eyamutwalanga mu basa okutuuka lwe yasala amagezi agamweggyako.

- Okwegaanibwa abasajja nga bafunye obuzibu okugeza Ntabadde bw'afuna olubuto abasajja bonna baamwesamba ne bamwegaana.

- Okulimbibwalimbibwa okugeza Cissy yalimba banne ku ssomero nga bwe yalina obuzibu olw'okuba yali taganzabalenzi ng'ali ku ssomero ekyamutiisa (Namusoke, Nattaliya ne Mukalazi).

- Okukwatirwa obuggya okugeza Cissy bw'agenda ewa Ssenga we bakizibwe be baamukwatirwa obuggya olw'okwagalwa ennyo ne bamulekera emirimu.

- Okutambulaeŋŋendo nga bagenda ku ssomero kino kiviirako okukemebwa nga bali mu kkubo okugeza Cissy atambula bw'atyo n'asanga Abby awamu ne Kirimuttu abaamusaba omukwano.

- Okwegombaokususse okugeza Cissy ne Bukirwabeegombanga abavubuka abalina ssente ekintu ekiviirako Cissy okugenda ne Kirimuttu ate n'amala n'amwefuulira.

- Okukyayibwa okugeza Cissy akyayibwaMpiso olw'okuba yagaana okumuganza era n'amubuzaabuza.

- Okwenyigira mu kutamiira/okunywa omwenge okugeza Cissy ayigirira okunywa omwenge ogwamuviirakookulwalaerane kitaawekabula kata amuggye mu ssomero.

- Emikyakalo okugeza ( Cissy ne banne (Namugaanyi) baagendanga mu bbaala ne bakyakalaekyabaviirakookwonooneka awamu n'okukyayibwa bazadde baabwe.

**OBULAMU OBWA BULIJJO OBULI MU LUGERO**

Ebintu ebyeyolekera mu lugero bifaananira ddala n'ebyo ebiri mu bulamu mwe tuwangaalira mu ngeri zino wammanga;

- Mu lugero mulimu obumenyi bw'amateeka ate nga ne mu bulamu obwa bulijjo bwe guli okugeza Abdala ne Nasibu battanga abantu.

- Mulimu obwenzi okugeza Ntabadde agattika abasajja era atuuka n'okufuna olubuto nga tamanyinnyinilwomutuufu ate n'ensangi zino bwe guli.

- Okuganzibwa kw'abaana b'amasomero abamu ne bava ne ku mulamwa okugeza; Ntabadde, Namusoke n'abalala baaganzibwa nga bakyasoma era ne badda mu by'abalenzi ne mu bulamu obwa bulijjo bwe kiri.

- Okuwamba abantu okweyolekera mu lugero n'ensangi zino abantu bawambibwa okugeza Cissy ne Namugaanyi baawambibwa abasajja nga bagenda ku ssomero.

- Mu lugero mulimu okusoma ate nga n'ensangi zino abantu bettanira okusoma okugeza Cissy yasoma n'amalako n'afuna omulimu.

- Mu lugero mulimu empisa y'okuwasan'okufumbirwa ebiri ne mu bulamu obwa bulijjo okugeza Cissy bw'amala okusoma afuna obutumbo.

- Empisa ez'obuwangwaezoogerwako mu lugero ziri ne mu bulamu obwabulijjo okugeza obukulu bwa ssenga.

- Ettamiiro eriri mu lugero ne mu bulamu bwa bulijjo abantu batamiira okugeza Cissy ne Namugaanyi banywa omwenge ne baganzi baabwe.

- Okuggyamuembuto okuli mu lugero ne mu bulamu mwetuwangaalira abawala baggyamuembuto okugeza Ntabadde aluggyamu era n'afa.

- Mu lugero mulimu okubuulirira abawala ate n'ensangi zino bwe guli okugeza Ssenga wa Cissy (Tezigattwa) amubuulirira n'asobola okuvaamu omuntu.

- Obukozi obweyolekera mu lugero ne mu bulamu bwaffe obwabulijjo abantu bakola okugeza Tezigattwa mukyala mukozi ate ayigiriza abaana be okukola.

- Mu lugero mulimu obuggya ate nga n'ensangi zino abantu balina obuggya eri abalala okugeza Tezigathakwatirwa Cissy obuggya, olw'okumuwaolugoye.

- Emikwanoegitazimbaegyeyolekera mu lugero tegyawukanan'egyoegiri mu bulamu obwa bulijjo okugeza mukwano gwa Cissy, Bukirwaamusendasenda okuganza abasajja.

- Obulimba obweyolekera mu lugero ne mu bulamu mwetuwangaalira mulimu abantu abalimba okugeza; Kirimuttu alimba Cissy nti ajja kumuwasa kyokka n'amwefuulira.

- Mu lugero omuwandiisi atwoleka ekisa mu bantu ate era ne mu bulamu bwaffe mulimu abantu ab'ekisa okugeza Kyeswaayamba Cissy ne Nnamugaanyi nga badduse ku gasajja.

- Okusiima abo abakoze obulungi nga bwe kiri mu luge: ne mu bulamu obwa bulijjo abantu basiima abalala okugeza Cissy bwe yamala okusoma yagula ebintu n'asiima bazadde be ne jjajja we abaali mabubeereddewo.

- Empisa ey'ekizzaŋŋanda eri mu lugero ne mu bulamu bwaffe mweri okugeza Cissy bweyakulamuyatwalibwa ewa Ssenga we gy'aba akulira.

**ENNEEYISA Y'ABAVUBUKA MU LUGERO**

Omuntu asoma olugero luno afuna ekifaananyi ky'abavubuka ekituufu nga yeesigama ku ngeri omuwandiisi gy'atuzimbiddemu abavubuka mu lugero lwe. Abavubuka abali mu lugero mwe muli;

- Cissy
- Nattaliya
- Namugaanyi
- Kirimuttu
- Mukalazi
- Namusoke
- Sarah
- Ndibassa
- Kavuma
- Basajjassubi
- Okello

Omuwandiisi abavubuka bano abazimbye bw'ati;

- Bettanira okusoma; okugeza Cissy yafuba n'asoma era n'afuna n'omulimu.
- Bakozi; okugeza Cissy yakolanga emirimu ng'ali ewa Ssengawe ate ne Kirimuttu musajja mukozi.
- Si beesigwa; okugeza Ntabadde agattika abasajja abenjawulo ate nga bonna bamulabirira.
- Bawa abalala amagezi agazimba; okugeza Night agaana Cissy okudda mu by'okuganza abalenzi.
- Baagala okukyakala; okugeza Cissy ne Ntabadde bettaniranga okugenda mu bbaala ne baganzi baabwe. Ate ye Ntabadde oluusi ng'agenda ne mu buddebw'essomero.
- Balimba; okugeza Kavuma, Xnamusoke ne Xnattaliya balimba Cissy nti alikoekikyamuekyamulemesanga okwagala abalenzi.
- Bettanira okunywa omwenge; okugeza Cissy yagendanga ne muganziwe Kirimuttu ne banywa omwenge.
- Baggyamuembuto; Ntabadde bwe yafuna olubuto yasalawo okuluggyamu era bwatyo n'afa.
- Basonyiwa; okugeza Kayondoaddiramu mwannyina n'asaba kitaawe amusonyiweamuleke mu ssomero.
- Basiima; okugeza Cissy bweyamala okusoma yagula ebintu omuli ssukaali, sabbuuni ne sapatun'abitwala ewaabwe.
- Balina omukwano; okugeza Bazira ayagala Cissy newankubadde nga Cissy amugaana. Naye alemerako okutuuka lw'amwanjula.

**OBUBAKA BW'OMUWANDIISI ERI ABAZADDE**

Omuwandiisi w'olugero luno agenderera okutuusa obubaka obw’enjawulo eri omuzaddeasoma bino era buno bwe bubakabw'atutuusaako.

• Abayigirizaokugunjula abaana baabwe naddala nga bakozeensobi okugeza Ssewambwaagunjula Cissy ng'amusanzeanywedde omwenge.

• Abazadde bayiga okuweerera abaana okugeza Ssewambwaaweerera Cissy mu madaalagonna era n'afuna n'omulimu.

• Bayiga okubuulirira abaana baabwe okugeza Tezigattwa abuulirira Cissy kyokka ne nnyina afuna obudden'amubuulirira ng'agenda mu kibuga.

• Okusiima abaana baabwe naddala nga bakoze obulungi okugeza Bazzakyabweasiima Cissy olw'okubeeraomukozi.

• Okuyigiriza abaana eddiini okugeza ewa Tezigattwabagenda okusaba ku sande.

• Bayiga okuyigiriza abaana baabwe emirimu baleme kubeera ngajaba okugeza Tezigattwa ayigiriza abaana be emirimu.

• Okutwala abaana mu b'eŋŋanda basobole okubamanya awamu n'okubayigiriza empisa okugeza Ssewambwa atwala Cissy ewa Ssengawe.

**OBUKUUBAGANO MU LUGERO**

Bunobwebutakaanyawakatiw'abantu mu lugero. Omuwandiisi atuzimbira obukuubagano buno okusobola okutulaga obulamu obwabulijjo. Buno bwe bukuubagano obuli mu lugero;

• Tezigattwa ne Bazzakyabwe; Kano kaavakuBazzakyabweokugulira Cissy olugoyeolw’okukolaobulungi emirimu.

Tezigattwa ne Cissy; Kano kava ku Cissy obutamanyakukola mirimu naddala okusibaemmere.

• Cissy ne Ssewambwa (Kitaawe); Kano kava ku Cissy okunywa omwenge ate n’alimba kitaawe, nga bwa tanywedde.

- Cissy ne Kirimuttu; nga kano kava ku Kirimuttu okulimba Cissy nga bw'agenda okumuwasa kyokka n'amulekawo.

- Cissy ne Mpiso (Omusomesa we); kano kava ku Mpiso okuganza Cissy kyokka Cissy n'agaana okumwagala era n'abeera ng'amubuzaabuza.

- Cissy ne Bukirwa; Kano kava ku Bukirwa okwagala okutwala Cissy mu by'abalenzi ate nga Cissy tayagala bw'atyo Cissy n'amwesalako.

- Mpison'omukulu w'essomero. Kano kava ku Mpisookukuba omukulu w'essomero bwe gutyo omukulu w'essomero n'amugoba.

- Ntabadde ne Okello; Kano kava ku Ntabadde okugenda ewa Okello amugambe nti alina olubuto lwe kyokka ye n'alwegaana.

- Namugaanyi ne Kitaawe; Kano kava ku Namugaanyi okuddayo eka ng'anywedde omwenge ate n'agaana okwogera gye yagunywa.

- Cissy ne Kitaawe wa Namugaanyi; Kano kava ku kitaawe wa Xamugaanyi okulowooza nti Cissy ye yayonoona omwana era n'amugobaobutaddira ddala wuwe.

- Kayondo ne Ssewambwa; Kano kava ku Kayondookunnyonnyola kitaawe nga bw'akuuma mwannyina kyokka kitaawe n'amusanga ng'atamidde.

- Ssewambwan'omukuumi w'essomero; Kano kava ku mukuumi w'essomero okugaana Ssewambwa okuyingira okulaba omukulu abasomesa olw'okuba obuddebuweddeyo.

- Cissy ne Nattaliya; Kano kava ku Nattaliya okulaba nga Cissy tayagala balenzi kyokka Nattaliya n'afubaokubamufunira n'agaana.

- Cissy ne mikwano gya Nattaliya (Kavuma, Mukalazi, Namusoke); Kano kava ku mikwano gya Nattaliya, okugamba Cissy nti alikoekisobu.

- Cissy ne Basajjassubi; Kano kava ku Cissy okulimaBasajjassubi nga bw'agenda okudda babeere wamu ekiro kyokka Cissy n' a tadda.

- Cissy ne ba kizibwe be; Kano kava ku bakizibwe ba Cissyokumukwatirwa obuggya olw'okuba bamuguliddeolugoveolw'obukozi bwe.

- Cissy ne Night; oluvannyuma IwaNight okubuulirira Cissy ave ku balenzi kyokka Cissy n'agaana okutwala amagezi ge.

- Cissy ne Namugaanyi awamu ne Abdala ne Nasibu.

**EBY'OKUYIGA OKUVA MU BUKUUBAGANO BUNO.**

Omuntu asoma olugero luno afuna eby'okuyiga bingi ok. mu bukuubagano buno era bye bino;

- Okwewala obuggya kuba kino kye kiviirako bakizibwe ba Cissy okukuubagana naye ne batuuka n'okugaanaokumuyamba ku mirimu.

- Okubeera n'obugumiikiriza si kubeera nga Tezigattwaeyakuubagana ne bba olw'okugulira Cissy olugoye kyokka nga naye yali amuleetedde.

- Tuyigaokufubaokuyiga okukola emirimu okusobola okwewala okukuubagana n'abalala anti kino kiviirako Cissy okukuubagana ne ssenga we.

- Okwewala obukaba nga tuli mu masomero anti buviirakoNattaliyaobutakkanya na Cissy anti olwa Cissy obutabeera na balenzi.

Okutwala amagezi amalungi agatuweebwa bannaffe kubanga buli Iwetugagaanakituleeteraobutakkanya nabo oluusin'okutukyawa okugeza Night ava ku Cissyolwokuba Cissy yatandika okwagala abalenzi.

- Okwewala ettamiiro kubanga kino kiviirako bangi okukuubagana na ddala nga batukutte/batutegedde okugeza Cissy akuubagana ne kitaawe Iwakumusanga ng'atamidde.

- Okwewala okugattika abasajja kuba kino kireetaobutakwatagana wakati w'abantu okugeza Okello akuubagana ne Ntabadde olw'okumugattika n'abasajja abalala.

• Okwewala okulimba abalala anti kino kiviirako Cissy okukuubagana ne Kirimuttu yamusuubiza okumuwasa ate n'amulekawo.

• Okwewala emizegy'obutemun'obusezi anti gino gireeteraabatuuze okukuubagana ne Abdala awamu ne Nasibu ne batuuka n'okubatta.

• Okussaamu abantu abatusinga ekitiibwa si kubeera nga Mpisoteyeesigamwaeyakuba mukamaawe n'amaliririzang'amugobye.

• Okwewala okwagala okukabawaza abalala anti kino kituleetera okukuubagana na bo okugeza Mpiso ne Cissy.

• Okugonderaamateeka ge tusanze mu kifo ne tutabeera nga Ssewambwaeyakuubaganan'omukuumi w'essomero ng'ayagalabuli kakuubaganokalina kye katuyigiriza okugeza aka Cissy ne kitaawe katuyigirizaokwowala okunywa omwenge.

- Mu bukuubagano omuwandiisi atuzimbira emiramwa egy'enjawulo okugeza obwenzi, obukaba nga mu kakuubagano ka Cissy ne Nattaliya.
- Obukuubagano butuggirayo ebifaananyi mu lugero okugeza akafaananyi ka Basajjassubing'alinda Cissy ekirokyonna ate natajja.
- Obukuubagano buzimba obunkenke mu lugero okugeza kitaawe wa Cissy ng'amusanzeanywedde omwenge, Cissy ne Namugaanyi awamu n'agasajja agabawamba.
- Buleeta/butonda obulamu obwa bulijjo mu lugero kubanga ebyo byonna ebiviirako obukuubagano bye bimumu bulamu obwa bulijjo.
- Bwolekaobukugu bw'omuwandiisi mu kunyumisaemboozi.
- Buvamba okufuula olugero okubeera olunyuvu.

**EBY'OKUYIGA OMUWANDIISI BY'ATUUSA ERI ABAVUBUKA**

Omuvubuka asoma olugero luno alina bingi by'ayiga okusobola okufuuka ekitonde ekiggya. Abavubuka abali mu lugero luno be bano;

- Sarah
- Ntabadde

- Cissy
- Kirimuttu
- Namugaanyi

Bino byeby'okuyiga ebiri mu lugero eri Omuvubuka;

- Abavubuka bayiga okwettanira okusoma nga Cissybweyafuba n'asoma n'afuna n'omulimuogwamuyambaokwebeezaawo.
- Bayiga okubeera abakozi okugeza Cissy ne ba kizibwe be baafuba ne bayiga emirimu era baali bakozi.
- Okwegendereza abantu be basanga mu makubo awamu n'okwewala okumalagalinnya emmotoka ze basanze okugeza Cissy ne Namugaanyi bwe baamalagalinnyammotoka baafuna obuzibu.
- Abavubuka bayiga okwewala okunywa omwenge kubanga guyinzaokubatuusaawazibu okugeza Cissyatandika okunywa omwenge ne gumulwaza.
- Bayiga okwewala okugattika abasajja anti kiyinzaokubaviirako obuzibu okugeza Ntabadde bw'abagattika bamaliriza bonna beegaanye olubuto lwe.
- Abavubuka bayiga okwewala okuggyamuembuto anti ziyinzaokubatuusaawazibu okugeza Ntabadde bw'aluggyamu amaliriza afudde.
- Okwewala emikwanoemibiegiyinzaokubasuula mu buzibu okugeza Cissy bwe yegatta ne Ntabadde batandikakudda mu by'abalenzi.
- Abavubuka bayiga okutvvalaokubuulirirwakw'abazadde baabwe si kubeera nga Cissy eyakwesamba anti bweyatuuka mu kibuga yakolabibye.
- Abavubuka bayiga okwanjula baganzi baabwe eri bazadde baabwe okugeza Cissy atwala Bazira ewa Kitaawe era ne bagenda mu bufumbo.
- Bayiga okwewala okwesiga abantu bonna okugeza Cissy yeesiga Kirimuttu nti agenda ku muwasa kyokka ate n'amulekawo.
- Okwewala obuggya si kubeera nga bakizibwe ba Cissy bwe bamukwatirwa obuggya nga bamuguliddeolugoyeolw'obukozi.

- Abavubuka bayiga okwetonda nga bakozeekikyamu okugeza Cissy ne Namugaanyi betondera bazadde baabwe oluvannyuma Iw'okubakwata nga banywedde omwenge.
- Bayiga okusiima abo abatukoleddeebirungi okugeza Cissy bweyamala okusoma yasiima abo abaali bamubeereddewo.
- Okwewala okukyakala okususse si kubeera nga Cissy ne Ntabadde bwe bagendanga mu kukyakala oluusi ne batatuuka ku ssomero.
- Abavubuka bayiga okuyamba bannaabwe ku mirimu okugeza Cissy yawaatirangakobakizibwe be wadde bo tebaamuyambanga.

**EKIBUUZO**

Nnyonnyolan'ebyokulabirako engeri olugero luno gye lufuulaomuvubukaw'ensangi zino ekitonde ekiggya.

**EBIKOLWA EBY'EKKO/EBITAJJANSA EBIRI MU LUGERO**

Bw'osoma olugero "Amaggwan'emitego mu Buvubuka", mulimu ebikolwa ebituleeteraokukyawa ensi y'olugero abamu bye bakola era bye bino;

• **Obuggya;** okugeza Tezigattwaokwatirwa Cissy obuggya olw'okuba baali bamuguliddeolugoyeoluggya.

• **Obukaba;** okugeza Nattaliya akabawalira mu masomero era ayagala okutwala banne mu bikolwa by'obukaba.

• **Ettamiiro;** okugeza Cissy ne Namugaanyi bagenda mu bbaala ne baganzi baabwe ne banywa omwenge ogutuukan'okubalwaza.

• **Ettemu;**

  - **Okugattika abasajja/obwenzi;** okugeza Ntabadde aganza Okello awamu n'abasajja abalala (DdiikaSsempala) abatuukan'okwegaana olubuto lwe.

• **Okuggyamuembuto;** okugeza Ntabadde bweyamanya ng'ali lubuto kyokka ng'abasajja be bonna balwegaanye.

- **Ekiwamba bantu;** okugeza Abdala ne Nasibu baawambanga abantu ne babatulugunyiza mu guyumba gwabwe era ne batuuka n'okubatta.

- **Okulimba;** Okugeza Kirimuttu asuubiza Cissy nga bw'agenda okumuwasa kyokka n'amala n'amwefuuliran'atamuwasa.

- **Okulwana;** okugeza Mpisoakuba omukulu w'essomero era bw'atyo n'amugoba mu ssomero.

**EBYOBUWANGWA EBIRI MU LUGERO**

Olugero luno lufumbekeddemu eby'obuwangwa by' Abaganda bingi omusomi bye yeetaaga okumanya era bye bino wammanga;

- **Obufumbo;** mu lugero mulimu abafumbo abawedde

Emirimu era nga bassiŋŋanamu ekitiibwa ng'omwamin'omukvala okugeza Ssewambwa ne mukyala we (Nnyina wa Cissy).

- Eŋŋunjulay'abaana; mu lugero luno omuwandiisi atwoleka engeri abaana gye bayigirizibwamu empisa awamu n'emirimu okusobola okufuuka abantu ab'obuvunaanyizibwa.
- Obukulu bwa Ssenga; Omuwandiisi atulaga obukulu bwa Ssenga mu buwangwa bw'Abaganda okugeza Cissy bwe yakulayatwalibwa ewa Ssenga we Tezigattwan'amubangula mu mirimu gy'abakyala.
- Empisa ey'okukyaliraensiko; Eno nayo yeyolekedde mu lugero anti Cissy bwe yali agenda okuva ewa Ssenga we empisa eno yali emubuuliddwa bulungi era ng'agituukirizza bulungi.
- Okulabira omuwala omusajja; Kino nakyo kya buwangwa okugeza Cissy bw'amala okusoma n'afuna n'omulimu ssenga we Namboggayamufunira omusajja ow'okufumbirwa. (Bazira.)
- Okubuulirira omuntu agenda ku lugendo; okugeza nnyina wa Cissy yamubuulirira bwe yali agenda ku kibuga.
- Empisa y'okwanjulan'okuwasa; okugeza Bazirayajjan'ayanjulwa ewaabwe wa Cissy era ne baleeta ebintu awamu n'omutwaloogw'okuwasa Cissy.

- Ebisoko n'engero eziri mu lugero nazozitwoleka eby’obuwangwa okugeza Boogezaessiru...
- Omuwandiisi atwoleka ennono/ensibuko y'engeroezimuezeeyambisibwa mu buwangwa/Buganda okugeza "boogezaessiru, baayogeza mu ka Mukwenda. Omuwandiisi atuwandiikira ku bakulembezeb'omuBuganda okugeza Mukwenda anti ono yali mukungumuBwakabaka.

**ENGERI OBULAMU BW'EKIBUGA GYE BWEYOLEKEDDE MU LUGERO**

Olugero luno 'Amaggwan'emitego mu Buvubuka' lutwoleka bulungi engeri abantu ab'ekibuga gye beeyisaamu awamu n'ebyo ebiri mu kibuga mu ngeri zino wammanga.

- Abantu bakola emirimu egy'ebbeeyi okugeza Kirimuttu.
- Mu kibuga mulimu amasanyu mangi awamu n'okukyakala okugeza Cissy ne muganzi we Kirimuttu baagendanga ne bakyakalamu wadde nga Cissy akyasoma.
- Obwenzi bufumbekedde mu kibuga okugeza Ntabadde aganza abasajja abawera mu kiseera kimu okugeza Ddiika ne Ssempala.
- Obukaba nabwo bufumbekedde mu bavubuka abali kibuga anti baganza abalenzi wadde nga bakyasoma okugeza Nattaliya yagenda ne Mukalazi.
- Ekiwambabantu nakyo kiri mu kibuga okugeza Abdala ne Nasibu baawamba Cissy ne Namugaanyi babatwala mu guyumba gwabwe.
- Okuggyamuembuto okugeza Kasita Ntabadde abasajja beyawa olubuto bonna baalwegaana n'asalawo aluggyemu.
- Ettemu mu kibuga okugeza Abdala ne Nasibu bawambanga abantu era ne babatemula era bwe baakwatibwapoliisi ne bawanikibwa ku kalabba.
- Mu kibuga mulimu obukozi anti abantu bakeera kugenda ku mirimu gyabwe kukola okugeza Okello musajja mukozi.

**ENZIMBA Y'ABAKYALA MU LUGERO**

Olugero luno lwetoloolera nnyo ku kitondeekikyala omuwandiisi abakyala batuteera mu lugero mwe muli;

- Tezigattwa
- Xdibassa
- Byansi
- Cissy
- Bukirwa
- Namugaanyi
- Nattaliya.

Abakyala bano Bazimbiddwa bati;

• Balina empisa; okugeza nnyina wa Cissy yassangamu bbaekitiibwa erang'amuyitataata.

• Bamanyi okubuulirira; OkugezaTezigattwaabuulirira Cissybweyali ng'agenda okuvaewuwe.

• Bakozi; okugeza Tezigattwa ne nnyina wa Cissy bakyalabakozi era bayigiriza abaana baabwe emirimu.

• Bakujjukujju okugeza Cissy ne Namugaanyibaasalira abasajja amagezi ne basobola okubaddukako.

• Bamalirivu; okugeza Cissy ne Namugaanyibamalirira ne badduka okuva mu guyumba ate nga baali bakimanyi bulungi nti baali bajja kubatuusaako obuzibu.

• Benzi; okugeza Ntabadde aganza abasajja ab'enjawulo okugeza Ddiika, Sempala awamu ne Okello.

• Baggyamuembuto; okugeza Ntabaddeyaggyamu olubuto oluvannyuma lw'abasajja bonna beyaluwaokulwegaana.

• Bayivu; okugeza Cissy yasoma n'amalako eby'okubala ebitabo era n'afuna n'omulimu.

• Betonda; nga bakozeensobi okugeza Cissy ne Namugaanyibetondera bazadde baabwe oluvannyuma Iwokubakwata nga banywedde omwenge.

- Banyumya; okugeza Byansianyumiza Cissy enonno y'olugero "Boogezaessiru, baayogezaMukaMukwenda".

- Bawa abalala amagezi amakyamu; okugeza Nattaliyaawa Cissy amagezi amabiatandike okwagala abalenzi.
- Bakaba; okugeza Bukirwa ne Nattaliyabatandikaeby'abalenzi nga bakyali mu ssomero.
- Bagunjuzi; okugeza Tezigattwaagunjula abaana be awamu ne Cissy ng'abayigiriza emirimu.
- Basiima; okugeza Tezigattwaasiima muwala we Cissy bweyali ng'amusiibula okuva ewuwe.
- Balina obuggya; okugeza Tezigattwaakwatirwa Cissy obuggya oluvannyuma lw'okuweebwaolugoveng’akoze bulungi emirimu.
- Balimba; okugeza Cissy alimba mwannyina Kayondo bwe yamukwatang'awandiikira muganzi we akabaluwaak’omukwano kyokka ye ne yegaana.
- Bammizi; okugeza Cissy yali mukyala atasamwassamwa nabigambo anti teyagamba ku mwannyina ku mukwano gwe ne Joswa era enkolagana eno yagikuumanga yakyama.
- Bakyakaze; okugeza Cissy ne Namugaanyi baagendangane bakyakala awamu n'abaagalwa baabwe.
- Banywa omwenge/batamiivu; okugeza Cissy Namugaanyi bettanira nnyo okunywa omwenge Cissy yatuuka n'okulwalaolw'omwenge.

**OLULIMI OLWEYAMBISIBWA MU LUGERO**

Ruth Kaboggoza yeeyambisa ennimi ez’enjawulo okusobola okutuusa obubaka eri omusomi we era yeeyambisa olulimi luno.

- Olulimi olunnyonnyozi; anti annyonnyola ebyoebyatuuka ku Cissy okuviira ddala mu buto okutuuka lwe yagenda mu bufumbo.

- Olulimi olwabulijjo era olwangu; anti by'awandiikabitegerekaka bulungi era biri ne mu bulamu obwabulijjo.
- Yeeyambisa olulimi olubuulirira; okugeza nnyina Cissy lweyakozesa ng'amusibiriraentanda bwe agenda mu kibuga.
- Olulimi oluwaana; okugeza Kirimuttu lwe yeeyambisa bwe yasanga Cissy mu kkubo ng'ali n'abaana alyokeamuganze.
- Omuwandiisi yeeyambisa olulimi olw'ebisoko; n'engerooluyamba omusomi okukuguka mu nkozesayaabyo okugeza "kye nkolabannangessaagalabakinkole....
- Omuwandiisi yeeyambisa olulimi olugeraageranya; lunoluyambaokuggirayo omusomi ebifaananyi okugeza Cissy bwe yafumbaettookelyamyuka era omuwandiisialigeraageranya ku kibunoky'engo.
- Olulimi olulabula era luno luyamba okutuusa obubaka ku musomi; okugeza Ssenga Nambogga lweyakozesa nga Cissy agenda mu ddya. "Munnangebw'obatewakyaiiransikoonoolabaokudiba".
- Olulimi olwemulugunya; anti luno lutuzimbira obulamu obwa bulijjo mu lugero. Okugeza Tezigattwayeemulugunya olwa bba okuwa Cissy olugoye.
- Olulimi olukiina; okugeza Tegattwa.

**ENZIMBA Y'ABANTU MU LUGERO**

Ruth Kaboggoza atuleetera abantu abawerako mu lugerookusobola okututuusaako obubaka obw’enjawulo era abamuku bo be bano;

- Cissy
- Ssewambwa
- Tezigattwa
- Bazzakyabwe
- Ntabadde
- Namugaanyi
- Joswa
- Kirimuttu
- Kayondo
- Byansi

1. **SSEWAMBWA**

- Ono ye kitaawe wa Cissy.
- Musajja ssemaka ng'era alina n'abaana (mufumbo)
- Mukambwe kubanga bweyasanga Cissy ng'anywedde omwenge yali amuggye mu ssomero.
- Alina omukwano gw'abaana kubanga yali tayagala kumugambira ku mwana.
- Assaamu abalala ekitiibwa okugeza mukyala we teyamwatuukirizangalinnya.
- Musajja wa buvunaanyizibvva anti aweerera muwala we Cissy okutuuka lwe yamalako.
- Awuliriza abalala okugeza mukyala we bwe yamugambabatwale omwana ewa Ssengaweyamuwuliriza.
- Azimbiddwa nga munnakyalo anti yali talinnyangako mu kibuga.
- Atwala okubuulirirwakw'abalala kubanga abasawo baamugamba obutakambuwalira Cissy nga mulwaddeyaguma.
- Musajja mukujjukujju okugeza Cissy bwe yegaana nti tanywedde mwenge n'amusalira olukujjukujju amufuuweakawuka mu liiso.
- Alina omutimaomugumu anti yali agaanye okuddamu okuweerera Cissy okutuusa mwannyina Kayondo Iwe yamweyimirira.

2. **CISSY SIBANNO**

- Ono ye muwala wa Ssewambwa.
- Muganzi nnyo eri bazadde be.
- Muwala mukozi kubanga bwe yagenda ewa ssenga yakola nnyo era n'asiimwa bba wa ssenga we.
- Mugumiikiriza anti bwe baamukoozaakagiri ewa ssengawe ate nga bamuwan'emmerentonoteyeeyiganya.
- Muwala mugezi olw’ensonga nti bwe yagenda ewa Ssengawe yasobola okuyiga amangu emirimu mu kaseeraakatono.
- Mukujjukujju kubanga yasobola okusalira agasajjaagaaligabawambye amagezi bwe batyo ne batoloka.

- Muwulize okugeza bweyali yakagenda mu kibuga yatwala amagezi bazadde be ge baamubuuliriraag'okwewala abalenzi.
- Muyivu anti yasoma n'amalako eby'obusuubuzi e Nakawa bw'atyo n'afuna n'omulimu.
- Mulimba okugeza alimba kitaawe nga bweyali tanywedde mwenge era yalimba ne mwannyina bwe yamukwatan'ebbaluwa.
- Amanyi okubuulirira okugeza abuulirira Ntabadde aleme okuggyamu olubuto wadde ye yagaana.
- Mutamiivu anti akwatagana ne Namugaanyi; bagenda ne baganzi baabwe ne banywa omwenge.
- Mukaba okugeza aganza abalenzi ng'akyali mu ssomero so nga yali abuuliriddwa okwegendereza abalenzi.
- Yeetonda okugeza kitaawe bwe yamusanga ng'anywedde omwenge yamwetondera era n'amusabaamusonyiwe.
- Abonererabw'abeeraavveereddwaekisonyiwo anti kitaawe bweyamusonyiwateyaddamu kunywa mwenge.
- Azimbiddwa ng'agenda okufumbirwaBazira era baali mu nteekateeka za mbaga.

**3. TEZIGATTWA**

- Ono ye ssenga wa Cissy Sibanno mukyala wa Bazzakyabwe.
- Mukyala mukozi anti ayigiriza Cissy awamu n'abaana be emirimu era bonna ne bagiyiga bulungi.
- Amanyi okubuulirira okugeza abuulirira Cissy bwe yali ng agenda okuva mu maka gaabweamubuulirira okwewala olugambo n'okubaomugumiikiriza.
- Munnabyabuwangwa; kubanga yasobola okuyigiriza Cissy empisa z'obufumbo naddala ey’okukyaliraensiko.
- Mukambwe anti akambuwalira Cissy oluvannyuma lw'okulemwaokusibaemmere.
- Asiima; anti yasiima Cissy oluvannyuma lw'okumusiibula okudda ewaabwe.
- Azimbiddwa nga mufumbo anti yafumbirwa Bazzakyabwe era balina n'abaana.
- Alina obuggya kubanga bba bwe yagulira Cissy olugoyeyanyiiga so ate nga naye baali bamugulidde.

- Amanyi okusaagirira anti agamba banne abaali bazze awaka nti ye yali afumbyeemmereennungi y’ensonga etaliisa bba mu kyalo.
- Si mwenkanya anti Cissy bweyali awaka abaana be tebaddamukukola mulimu gwonna ate nga naye tabagambako.

**4. BAZZAKYABWE**

- 0no ye bba Tezigattwa (ssenga wa Cissy).
- Mufumbo, era alina n’abaana.
- Asiima; okugeza yagulira Cissy olugoye oluvannyuma lw'okulabang'akola nnyoemrimu ewaka.
- Mwenkanya; anti buli Tezigjittwa lwe yamulooperanga Cissyng'asookakwetegereza nga tannaddamu
- Mugumiikiriza; newankubadde nga mukaziweyamuloopera ebibi Cissy bye yakolanga nayeyagumiikiriza.
- Mukkakamu; kubanga mukyala we bwe yamuyombesaolw'okuguliraCissyolugoveye teyamunyega.
- Alina omukwano; kubanga ayiiyiza mukyala wen'amuguliraolugoyeolupya.
- Amanyi okuwuliriza; anti Tezigattwa buli lwe yajjanga okwogera naye ebikvvata ku Cissy ng'amuwuliriza.

**5. NAMUGAANYI**

- Ono ye mukwano gwa Cissy gwe yafuna ng'akomyewo mu kibuga.
- Mukazi muyivu anti yasoma n'amalako eddaalaerisooka.
- Alina emmizi okugeza bwe yafuna omulenziyalwawookugambaCissy ku kyama kyeOkutuusa nga wayiseewoakabanga.
- Mukaba; anti afuna /yenyigira mu by'abalenzikyokka ng'akyasoma.
- Amanyi okuwuliriza; okugeza yasobola okuwuliriza munne Cissyng'amubuulirira ku bikwata ku balenzin'obuzibubw’e yafuna.
- Mukyala mugezi kubanga yasobola okuyita ebibuuzoeby’akamalirizo era n’agenda mu ttendekeroasomeobuwandiisi.
- Mutamiivu/yettanira okunywa omwenge, okgezayagendanga ne Cissy awamu ne baganzi baabwe ne banywa omwenge ne batamiira.

- Mukyakaze; anti yettaniranga nnyo eby’amasanyu naddala ng'ali ku ttendekero.
- Aleeta amawemukirano ewaka; anti afuna olubuto ng'akyali ewaabwe ate n’omulenzi n'amusuulawo.

**6. NTABADDE**

• Ono mukwano gwa Cissy gwe yasooka okuba naye.

• Mukaba; atandikaeby'abasajjang'akyali ku ssomero oluusi nga tatuuka ku ssomero.

• Ayagala ebyamasanyu; anti olumuteyagendanga ku ssomero ng'adda mu kwesanyusaamun'abaagalwa be.

• Mwenzi; kubanga yalina abasajja abawerako ate nga bonna yegadanga nabo. Okugeza Okello, Ddiika, Ssempala.

• Muwala munaku; kyokka ate tamanyinnaku ye anti yaviiranga wa Jjajjaweokujja ku ssomero okusoma.

- Ntabadde azimbiddwa nga muwala mwonoonefu; anti afunira bawala banne abalenzi okugeza yafunira Cissy.
- Si mugumiikiriza; kubanga bwe yafuna olubuto n’abulwakonnyini Iwo yasalawo kuluggyamu.
- Mumalirivu; kubanga yaggyamu olubuto wadde nga Cissy yali amugambyealuzaalekasitasiyeyaliasoose.
- Aggyamu olubuto; ne lumuyisa bubi ku ssomero era bw'atyo n'afira mu ddwaliro gye yatwalibwa.
- Azimbiddwa nga muwala mulungi mu ndabika eyali yatereera yenna.
- Yali amanyiddwang'omwana ow'empisa ennyo ku ssomero.
- Mukazi muyonjo era ayogerwako ku ssomero.
- Muyimbinnakinku.
- Azimbiddwang'amanyiemizannyo anti yali munnabyamizannyo nnyo ku ssomero lyabwe.

7. **KIRIMUTTU**

- Ono ye muganzi wa Cissy.
- Mutitiizi kubanga yakaaba era n'atuuyana nga Cissy alwadde.
- Muyivu anti emisomo gye yagimalira mu Makerere University era n'afuna ne ddigulissatu be ddu.
- Mugabi kubanga yasobola okuwa abaana Cissy beyali nabo ssente beegulire sweet.
- Alina omukwano okugeza yafuba okulabirira Cissy ng'alwadden'amutwala mu ddwaliro.
- Muntu mulamu anti yasobola okutwala Cissy ddwaliro ng'alwadde ate n'anoonyaab'ewaabwe.
- Alina omukwano kubanga yagulaga Cissy n'addala nga bakagutandika.
- Mukyakaze kubanga yagendanga ne muganzi we Cissy ne bakyakala mu mabbaala ag'enjawulo.
- Munywi wa mwenge okugeza buli lwe babeeranga Cissy nga banywa omwenge.
- Si mwesigwa kubanga asuubiza Cissy okumuwasa kyokka n'amulekawo.
- Tayagala bya kwezzamabega anti bwe baatuuka mu bbaala (Kiribedda Inn) ne Cissy yasaba omwengeogw'ebbeeyi.
- Mukozi anti yali Manager wa Bank enkulu eya Yuganda.

8. **KAYONDO**

- Ono ye mwannyina wa Cissy eyamusuzanga mu kibuga.
- Alina obuvunaanyizibwa kubanga yafuba nnyo okulabang'akuuma Cissy aleme okwonooneka wadde Cissyyamubuzaabuzanga.

• Musajja mukwatampola anti yasobola okukwata obulungi kitaabweSsewambwan'atazza Cissy mu kyalo.

- Musajja mugumiikiriza kubanga yagumiikiriza Cissynewankubaddeyanywa omwenge naye yamwegayirirra kitaawe.
- Wa kisa kuba yasobola okukkiriza Cissy ajjeabeereewuwe nga gyava okugenda ku ssomero.
- Alina olulimi olusikiriza era ayogera bulungi anti yasobola okwogera ne Ssewambwa mu kawoowo bw'atyo n'asonyiwa Cissy.
- Amanyi okubuulirira anti yabuuliriranga Cissy naddala ebikwata ku mukwano n'okwagala.
- Azimbiddwa nga musajja mufumbo era alina n'amakaagobuvunaanyizibwa.

**9. BYANSI**

- Ono naye ssenga wa Cissy era yali muganzi gyali.
- Amanyi okwaniriza abagenyi kubanga Cissy bwe yagenda okumukyalira yamufumbiraebittafuttafu.
- Abuulirira anti yabuulirira Cissy yeekuume aleme okubuukan'obulenzirenzi kuba yali ajja kusoba.
- Mukyala muwulize kubanga agamba nti webaakulira nga tebatenguwabakulu wadde okubaddamu.
- Munnyumya kubanga yasobola okunyumiza Cissy emboozi naddala bwe babeeranga balima okugeza ekwata ku bakaMukwenda.
- Mumanyi kubanga alambulula bulungi enonno y'olugero "Boogezaessiru ....'' era Cissy n'alutegeera bulungi.
- Alina ekisa kubanga Cissy bweyali adda ew’aabw'eyamusibirira ebintu bingi nnyo.
- Mukozi kubanga newankubadde nga yali akuze naye yagendanga okulima ne muwala we Cissy.
- Omuwandiisi amuzimbye nga mukulu mu myaka okusinziira ku ebyo by'anyumiza Cissy.

## <u>NZE MBIMAZE: Prisca Nakitto</u>

**Ennyanjula:**

Omuzannyo guno gwawandiikibwa Prisca Nakitto nga gulinaennyingobbirienkulu. Omuzannvo guno guyambaOmuvubuka wamu n'abantu b'ensangi zino okubeera abagumiikiriza buzibu bwe bavitamu awamu n'okubeeraabeegendereza bizibu bye baba basanze. Omuwandiisi era akubiriza abas', be okwesigangaKatonda mu buli mbeera gye bayitamu.

**EDDIBA LY'AKATABO**

**(a) Omutwe**

Omuzannyogulina omutwe "NzeMbimaze" nga gwoleka, abantu abali mu muzannyo balina ebintu bingi bye bekutulako olw'ebyo ebyabatuukako awamu n'ebyabanyumizibwanga.

Omutwe guno gutusunirako ku ebyo ebiri mu muzannyo.

**(b) Ekifaananyi**

Akatabokaliko ekifaananyi eky'omuwalaeyeebase ku bit ebiyitirivu ng'alaga nti mukoowu. Ebitabo ebimubibikuddwa ku mmeeza ate ebirala nga biri wansi.

Ekifaananyi kino kitwoleka omutwe gw'omuzannyo nti dc omuwala ono abimaze.

**(c) Ebikwata ku muwandiisi**

Prisca Nakitto wa kibiina kya Grail. Yali musomesaow'eddaalaery'okubiri mu masomero ga pulayimale.

Yenyigira mu kuwa emisomo egy'okukuuma obulamu mu byalo, okugunjula abavubuka awamu n'okukuumaobutondebw'ensi.

Awandiise ebitabo ebiwerako okugeza; ByendabyeMbirafrTekiryamunaku, Xakiggala's Alarm, EmboozitebaXkai n'ebirala ebiyambye ennyo mu kukulaakulanya olui1 oluganda.

**(d) Omuzannyo mu bufunze.**

Omuzannyo guno gwetoloolera ku bizibu abavubuka byebatera okusanga. Gukwata ku muwala Harriet eyali akooye okusoma era nga yeegombaokuba nga yazaalibwa mu biseeraebyeddaebitaalimu bya kusoma.

Jjajjaawe (Alibaawo) bwe yamunyumiza ebizibu omukaziow'edda bye yayitangamu, ate ne yeegombaokuzaalibwa nga mulenzi. Era yamunyumiza ebizibu abaana abalenzi bye basanga ng'amulaga Ssaamu bye yayitamu.

Omuzannyogukomekkereza Harriet akkirizza okuddamu okunyikirira emisomo gye. OBUKODYO/OBUKUGU BW'OMUWANDIISI MU MUZANNYO

Bino by'ebintu eby'enjawulo omuwandiisi bye yeeyambisa ebisikiriza omusomi okusoma omuzannyo awamu n'okufuna obubaka. Buno bwe bukodyo obuli mu muzannyo;

- Omuzannyoguliko omutwe ogwa "NzeMbimaze" ogutusunirako ku ebyo ebiri mu muzannyo ate eragutusikiriza okusoma omuzamiyo.

- Omuzannyogulina ekifaananyi ku ddiba eky'omuwalaeyebase ku bitabo ekiyamba omusomi okumanya ebyoebiri mu muzannyo.

- Omuwandiisi atuwaomuzannyo mu bufunze ku ddibakino kisikiriza omusomi okusoma kubanga omuwandiisiaba amubagulizaako ebiri mu muzannyo.

- Omuzannyoagukutuddemuennyingo ez'enjawulo bbiri mu kino aleeta emiramwa egy'enjawulo mu buli nnyingobwekityo ne kiyamba omusomi okufuna obubaka.

- Omuzannyo gwe agutaddemu obukuubagano obuyamba omusomi okufuna obubaka obw'enjawulo awamu n'okutonda obulamu obwabulijjo mu muzannyo okugeza Tebeesigwa akuubagana ne Ssaamu, Byakuleka ne Sibyange.
- Awandiika ku bintu ebiri mu bulamu obwabulijjo kiyamba omusomi okutegeera ebyo bv'asoma okugeza obuggya (Tabula akwatirwa mukyala Lubega obuggya n8 agenda okufumbiza muwala we).
- Omuwandiisi atonze obunkenke mu muzannyo gwe kiyamba omusomi okwongera okugusoma okugezaNabukeera bwe yawandiikira Ssaamu ebba' emukyawa.

- Aguteekamuemboozi ez'enjawulo ne zireeta obubaka obw'enjawulo okugeza embooziy'abakazi ab' awamu n'eyoeraga ebizibu abalenzi bye basanga.

- Asooka n'anyonnyolaabazannyi abali mu katundung'akatunduakotekannatandika. Kino kiyamba omusomi okugoberera obulungi ebyo ebiri mu kitundu ekyo.

- Omuzannyo gwe aguteekamuennyimba ez’enjawulo zino ziyamba okuleeta obubaka awamu n'okunyumisaomuzannyo okugeza "Abatabuzi".

- Omuwandiisi ateekamu ebiragiro/endagirirong'atwolekaenfoy'omuzannyo (siteegi) kino kiyama omusomi okugoberera obulungi omuzannyo awamu n'okutegeeraomuzannyo.

- Omuzannyo gwe aguzimbidde ku miramwa egy'enjawulo okusobola okuleeta eby'okuyiga eri omusomi okugeza: obuggya, omukwano.

**EMIRAMWA EGIRI MU MUZANNYO**

Omulamwa y'empagiomuzannyo kwe gutambulira. Wabulaomulamwa guno guzimbirwako emiramwa emirala emitono. Omuwandiisi atuteeramu emiramwagino okusobola okuggyayo obubaka obw’enjawulo.

Emiramwa egiri mu muzannyo mwe muli gino wammanga;

- **Okusoma;**

Omuwandiisi omuzannyo gwe aguzimbira ku kusomabw'atwoleka omuwala Harriet eyasoma ebitabo n'awulira ng'abikooye kyokka jjajja we n'amubuuliraobukulu bw'okusoma.

- **Obufumbo;**

Mumuzannyo mulimu obukulu bw'obufumboomuwandiisi bw'atuzimbiraobufumbo bwa Sibyange neTebyasa awamu ne Ssaamu eyafunaomukyala (Nambi) ow'obuvunaanyizibwa ne bazimba amaka.

- **Eddiini;**

Omuwandiisi mu muzannyo gwe alaga eddiini nga kyamugasookwesigaKatonda okugeza Petero bwe yali abuulirira Ssaamu mu bizibu bye yali ayitamuyamusabaanywerere ku Katonda.

- **Obuggya;**

Omuzannyogweyolekeramu abantu abalina obuggya ku bannaabwe okugeza Tabula agenda ewa mukyala Lubega n'attaekyama

- **Ettamiiro;**

Omuzannyo guno guteereddwamuobutamiivung'omuwandiisiatukubirizaokubwewala okugeza Kitaawe wa Ssaamu musajja mutamiivualemererwan'okulabirira abaana be.

- **Okwekuuma;**

Omuwandiisi atwoleka obukulu bw'okwekuuma awamu n'obutayingirira bikolwa bya bukaba wabula tusookebugumiikiriza okutuusa nga twetongodde okugeza Ssaamu yeekuuma okutuusa lweyafunaomubeezi.

- **Emirimu;**

Omuzannyoguzimbiddwa ku bukozi awamu n'emirimu egy’enjawulo okugeza Bbuga musajja mukozi anti alina edduuka so ne Mpoza naye mulunzi.

- **Okuwaayiriza;**

Bw'osoma omuzannyo guno osanga abantu abawaayiriza abalala okugeza Tebeesigwaawaayiriza Ssaamu nti ye yabbanga ebintu awamu n'essente za mukama waabwe.

- **Obukumpanya;**

Omuzannyo gutwoleka obukumpanya obufumbekedde mu Bantu okugeza Tebeesigwa yalina ebitabo bya lisiitibibiribwegutyon'akumpanyaabaguzi.

- **Eby’obuwangwa**

Omuzannyogufumbekeddemueb'obuwangwa eby'enjawulo ekiyamba okutuusa obubaka eri omusomi okugeza obukulu bwa Ssenga, Empisa y'okuwasan'okufumbirwa.

- **Okusonyiwa**

Omuwandiisi omuzannyo gwe aguzimbidde ku kwetonda awamu n'okusonyiwa okugeza ab'enju ya Lubega beetondera Ssaamu olw'ebyo bye baamutuusaako era n'abasonyiwa.

- **Okwagala eby'enfuna**

Mu muzannyo mulimu abantu abaagala ennyo eby'enfuna okugeza mukyala Lubega awamu n'omwami we baasalawo muwala waabwe alekeomulenziatalina ssente wabula agende n'omuvuziw'ennyonyi.

**ABAGANYULWA MU MUZANNYO/BAAWANDIIKIRA**

Bano be Bantu omuwandiisi b'atuusaako obubaka mu muzannyo gwe era abantu abawandiikira be bano:

- Abavubuka

Omuwandiisi ayigiriza abavubuka okwewala okwenyigira mu bikolwa eby'ekikaba si kubeera nga Jemusieyagamba Ssaamu atandikeokwegatta nga tannawasa.

- **Abazadde**

Bano bayiga okwewala okufumbiza abaana babwe eri abasajja abakulu si kubeera nga TebyasaeyafumbizaNamukasa eri Musa omusajja eyali omukulu.'

- **Abafumbo**

Omuwandiisi ayigiriza abafumbo ababiri okuwaŋŋana ekitiibwa si kwejolonga nga Tebyasa bwe yajolongaSibyange.

- **Abakozi**

Bano baasanyeokufuba okubeera abeesigwa ku mirimu gyabwe n’okwewala okukumpanya ebintu bya bakama baabwe. Okugeza Tebeesigwaatunda ebintu bya mukamawe.

**Abakozesa;**

Bano bayiga obutamalageesiga bakozi baabwe awamu n'okutwala ebyo bye babagamba okugeza Bbugayeesiga nnyo Tebeesigwa n'atuuka n'okukkiriza ebyo bye yamugamba nga bwe yabba ssente.

**Bannaddiini;**

Omuwandiisi ayigiriza bannaddiini bulijjo okuvaayobayambe abantu abali mu bwetaavu. Okugeza Nnamukasa yasobola okuddukira eri bannaddiini ne bamuwonyaokufumbirwaomusika eyali alondeddwa.

**Abasajja abakulu;**

Bano bayiga okwewala okuganza awamu n'okuwasaobwanaobuto si kubeera nga Musa eyawasaNnamukasa kyokka nga yali mwanamuto ku ye.

**Abayizi;**

Omuwandiisi ayigiriza abayizi okunywerera ku misomo gyabwe si kubeera nga Harriet eyali ayagala okumalaeby'okusomang‘alowooza nti eby'okusoma bizibu nnyo.

**Ab'emiriraano;**

Bayiga okwewala obuggya awamu n’okutabula abalala okugeza Tabula yakwatirwaNnabukeera obuggya ng'agenda okufumbirwa bw'atyo n'attaekyama kye.

**Abaana aboobuwala;**

Bano bayiga okwekuuma okutuusa nga batuuseokufumbirwa awamu n'okuyamba abaagalwa baabwe okusobola okutuuka ku bigendererwabyabwe nga Nnambi bwe yayamba Ssaamu okuddayo ku ssomero.

**Ba Ssenga;**

Bano bayiga okutwala obuvunaanyizibwa bwabwe eri abaana babannyinabwen'okubawa amagezi agazimba okugeza Nnabukenya yafuba nnyo okulaba nga Nnabukeeraafumbirwa Ssaamu wadde nga baamusinzaamaanyi naye nga yafuba okukola ogugwe.

**Abasuubuzi;**

Bano bayiga okwegendereza abantu be baleka mu maduuksgaabwe awamu n'ebitabo bya lisiiti bye bakozesa si kubeera nga Bbuga eyali tamanyi byali bigenda mu maaso mu dduuka lye.

**EKIFAANANYI KY'OMUWANDIISI NGA BWEKYEYOLEKERA MU MUZANNYO.**

Omusomi w'omuzannyo guno afuna ekifaanaanyi ekituufu ekya Nakitto Prisca ekyoky'ali awamu ne by'asinga okwagala n'okwettanira.

Omuzannyo guno gutuloopera bino ku muwandiisi waagwo;

**Alina Eddiini;**

Bw'osoma omuzannyoomanya nti Prisca muntu wa ddiini okusinziira ku ebyo by'awandiikako awamu n'amannyag’akozesa okugeza Petero, Saamu Jemusi n'abalala.

**Munnabyabuwangwa;**

Kino kyeyolekera bulungi mu muzannyo gwe olw'okuba assaamu eby'obuwangwa ebyenjawulo. Okugeza obukulu bwa ssenga nga Nnabukenya bwe yajja ku mikology'okufumbirwa kwa muwala we Nabukeera.

**Mukyala muyivu;**

Anti asobolāokunyonnyola obukulu bw'okusomabw'atulagàokukubaganyaebirowoozo okuli wakati wa Alibaawo ne Harriet nga jjajja alaga muzzukulu we nti okusoma kukulu.

**Mukulu mu myaka;**

Bw'osoma omuzannyoolabira ddala nga Prisca yeebakiddeebiroebiwera okusinziira ku by'awandiikako okugeza atulaga engeri omukyalaow'edda bwe yayisibwangamu nga talina bwogerero okugeza Sibyange yali tasobolakusalawo ku bikwatagana ku kufumbirwa kwa muwala we.

**Muyimbi;**

Kino kyeyolekera ku nnyimba ez'enjawulo eziri m muzannyo. Buli mbeera eri mu muzannyo omuwandiisi afubyeokutonderako/okuyiiyizaakooluyimba, okugeza; Abatabuzi, Nzembimaze.

**Muzadde;**

Obuzadde bwa Prisca bweyolekera ku ngeri gy'azimbamu abazadde abali mumuzannyon'engeri gye bagunjulamu abaana baabwe okugeza; Sibyangeagaana muwala we okumugamba ku by'okufumbirwa Mugga wabula abigambe Ssenga we.

**Akyawa abantu abatali beesigwa;**

Okugeza avumirira enneeyisa ya Tebeesigwaokukumpanya ensimbi za Mukama we awamu n'okulimba abaguzi nga bwe yalimba Haji omuwendo gwa Cement.

**Mukozi;** Anti kino tukirabira ku ngeri gy'atuleeteraobukozi mumuzannyo gwe okugeza, Bbuga ne Mpoza basajja bakozi erabafuna eby'obugagga.

**Amanyi obukulu bw'okusonyiwa;**

Kubanga mu muzannyo gwe alaga abantu abeetonda ate era ne basonyiyibwa okugeza Ssaamu asonyiwa amaka ga Lubega olw'ebyo bye gamutuusaako.

**Alina ekisa;**

Okusinziira bw'atuzimbira abantu abakwatirwa bannaabwe ekisa okugeza Mpozayakkiriza okubeera ne Ssaamu ewuwe ng'amaze okufuna ebizibu okuva ewa Bbuga.

**EBYOKUYIGA EBIRI MU MUZANNYO: (OBUBAKA)**

Nakitto mu kuwandiika omuzannyo guno, "NzeMbimaza" alina obubaka obw'enjawulo bwe yayagala okutuusa eri abasomi be basobole okuvaamu abantu b'obuvunaanyizibwa.

Bino bye by'okuyiga ebiri mu muzannyo;

1. Okwettanira okusoma naddala kubanga mu kusoma mulimu ebirungi bingi okugeza Nnambi yafuba n'asoma ate era ne Ssaamu yaddayo mu ssomero bw'atyo n'agasaeggwanga.
2. Omuwandiisi atuyigirizaokwekuuma ne tutenyigira mu bikolwa bya kikaba okugeza Nnambi ne Ssaamu bafubaokwekuuma okutuuka lwe baftmbiriganwa.
3. Omusomi ayiga okubeera omugumiikiriza buzibu bw'asanga okugeza mikwano gya Ssaamu gyamukubirizangaagumiikirize ebizibu bye yalimu okugeza okufiirwa nnyina awamu n'omulimu.
4. Okubuulirira awamu n'okugumya abali mu buzibu okugeza Jemusi ne Chalisibagumya Ssaamu ng'amaze okulekebwawoNnabukeeraekyamuyamba okusobola mu okugenda mu maaso n'obulamu bwe.
5. Omuwandiisi atuyigirizaokuba abakozi nga Mpoza bweyali ekyamusobozesa okufuna eby'obugaggan'amakaageyagaza.
6. Okwetonda singa tuba tusobezza bannaffe; okugeza Mukyala Tabula yeetonderaab'enju ya mukyala Lubega olw'okubalimban'attaekyama kya muwala waabwe.
7. Tuyigaokuyamba awamu n'okusembeza abo abali mu buzibu okugeza Mpozayasembeza Ssaamu ng'amaze okugobebwa ewa Bbuga.
8. Okwewala okuwaayiriza abalala si kubeera nga Tebeesigwabweyawaayiriza Ssaamu nti yeyabba ssente za Mukama waabwe.
9. Okwewala obukumpanya mu byetukola so si nga Tebeesigwaeyakumpanyangaemmaali ya mukama we ng'alina ebitabo by'alisiitibibiri.

10. OkwesigangaKatonda mu mbeera yonna gye tuyitamu ne bw'ebanzibuetya okugeza Charisiakubiriza Ssaamu okunywerera ku Katonda oluvannyuma lwa Nnabukeeraokumuyiwa.

11. Okwewala obuggya si kubeera nga Tabula eyakwatirwaab'enju ya Lubega obuggya olw'okufumbizanga abaana bw'atyo n'atuuka n'okuttaekyama.

12. Okwewala okutwala byonna ebibabitugambiddwa abalala kubanga abantu abamu babeera beenoonyezabyabwe okugeza; enju yaba Lubega egendera ku bya Tabula bw'atyo n'abattiraomukolo gwa Nabukeera.

13. Obuteegomba bulamu bw'abantubalala; kubanga-nabo baba n'ebizibu bye bayitamu okugeza; Harriet yeegomba okubeera omulenzi kyokka bwe baamubuulira ebizibu abalenzi bye bayitamu ate yeetamwa.

14. Okwewala obusungabw'ettumbiizi awamu n'okusookaokuwulirizaabalala singa wabaawoekizibuekibaluseewo si kubeera nga Bbugaatawa Ssaamu mukisa gwa kwe nyonnyolako nga bamusibyekoogw'okubba ssente.

15. Okussaamu abalala ekitiibwa okugeza sibyangeassaamu bba ekitiibwa era n'akkiriza muwala we afumbirwe Musa wadde nga ye yali tamwagala.

16. Okufuba okuwulirizaendowoozaawamun'okuwabulwakw'abalala, okugeza; singa mukyala Lubega ne bba bakkirizaokuwabulwa kwa ssenga Nabukenyatebandigudde mu buzibu bwe baagwamu.

17. Okwewala ettamiiro kubanga litulemesa okukola ebyo bye twandikoze okugeza Kitaawe wa Ssaamu anywa omwenge n'alemwa okulabirira abaana be.

18. Okukyusa empisa zaffe okusobola okufuuka omuntu w'obuvunaanyizibwa okugeza; kitaawe wa Ssaamu yava ku mwenge bw'atyo n'afuukaow'obuvunaanyizibwa.

**OBULAMU OBWA BULIJJO MU MUZANNYO**

Omuzannyo guno gutuggirayo bulungi ebyo ebiri. mu bulamu bwaffe ensangi zino mwe tuwangaalira era omuntu yenna agusomyetalemwa kulaba ebyo bye tuyitamu awamu n'okufuna obubaka obw'enjawulo.

Eno y'engeri obulamu obwa bulijjo bwe -bweyolekera mu muzannyo;

- Omuwandiisi atwoleka ebizibu abaana abalenzi bye bayitamu ate nga n'ensangi zino bweguli okugeza okutandika okulabirira bato baabwe nga nabo bakyalibato nga bwe gwali ku Ssaamu.

- Mu muzannyo mulimu ettamiiro eriviirako 'abantu okusuulaobuvunaanyizibwa bwabwe ate nga n'ensangi zino abantu bettanira onmwenge okugeza kitaawe wa Ssaamu adda mu kunywa n’alemwa okulabilirira abaana be.

- Okufumbizaabaanaabatookweyolekeddemumuzannyo n'ensangi zino bwe guli okugeza TebyasaafumbizaNnamukasa omusajja omukulu n'alekawoBbuga.

- Obulimba obuli mu muzannyobutuggirayo obulamuobwa bulijo mwe tutambulira okugeza Tabula alimbamwami Lubega ne mukyala we nga bwe yali afuniddemuwala waabwe omusajja avugaennyonyi.

- Okuwaayiriza okweyolekera mu muzannyo ne mubulamu obwa bulijjo okugeza TebeesigwaawaayirizaSsaamu okubba ssente za Bbunga era n'agobwa kumulimu.

- Eddiini mu Bantu nga bwekiri mu muzannyo n'ensangizino abantu balina eddiini okugeza mikwano gya Ssaamugimukubiriza okunywerera ku Katonda bwe yali afunyeobuzibu, atene Mugga asoma eddiini ya Kristu.

- Mu muzannyo mulimu okwettanira okusoma ekiri ne mubulamu obwa bulijjo okugeza; Ssaamu bwe yafuna ssenteyaddayo n'asoma era n'avaamu omuntu ow'omugasokyokkaate nga ne Harriet yasalawo okunywerera kubitabo bye.

- Ennaku y'okufiirwa eri mu muzannyo n'ensangi zinoabantu bangi bagiyitamu okugeza Ssaamu afiirwa nnyinan'atandika okubonaabona kubanga ye yali abalabirira.

- Abasajja okusuuliriraobuvunaanyizibwa bwabwe ngabwe kiri mu muzannyo n'ensangi zino bweguli okugeza; Kitaawe wa Ssaamu alemererwaokubaweerera n'addamu kunywa omwenge.

- Omuwandiisi azimba obuggya mu muzannyo gweate nga n'ensangi zino abantu bakwatirwa bannaabweabafunyeebirungi obuggya okugeza Tabula akwatirwaamaka ga Lubega obuggya olw'okufumbizanga abaanabaabwe.

- Okwagala ensimbi naddala mu baana abawala; nakyokitulaga engeri obulamu obwa bulijo gye bweyolekeddemu muzannyo okugeza NabukeeraasalawookulekaSsaamu afumbirweomuvubukaomuvuziw'ennyonyi.

- Obukozi; Omuwandiisi bw'atuzimbira mu muzannyotubusanga ne mu bulamu obwabulijo okugeza Mpozamusajja mukozi ekimuviirako okufuna eby'obugaggaera ne Bbunga naye alina edduuka.

- Omuwandiisi atuzimbidde ekisa mu lugero lwe atenga n'ensangi zino abantu balina ekisa era buyamba abali mu bwetaavu. Okugeza Mpozaasembeza Ssaamuoluvannyuma lw'okugobwa ewa Bbunga.

- Obubbi obuli mu muzannyo n'ensangi zino abakozibabba ebintu bya bakama baabwe okugeza Tebeesigwaabba sente za mukama we ate era atundan'akagaalike.

- Empisa eyokuwasan'okufumbirwa eri mu muzannyon'ensangi zino weri okugeza Ssaamu awasannambi erane bakola amaka amalungi.Omuwandiisi atuwandiikira ku bukumpanya ate ngan'ensangi zino abantu bakumpanya abalala okugezaTebeesigwaakumpanya ssente za mukama we antiyalina ebitabo bya lisiitibibiri.

**OBUKUUBAGANO OBULI MU MUZANNYO**

Buno bwe butakwatagana wakati w'abantu ababiri obaokusingawo. Omuwandiisiabuteeeka mu muzannyo guno okututusaako obubaka obw'enjawulo. Bunowammanga bwe bukuubaganon'ensibukoyaabwo;

1. Alibaawone Harriet; Kano kava ku Alibaawookulemererwaokwatulaerinnyalya Harriet anti yeamweyitiraAyeti.
2. Mugga ne bazadde ba Namukasa; Kano kava ku bazaddeba Nnamukasaokumugaanaokufumbirwa Mugga.
3. Namukasa ne kitaawe Tebyasa; era Kano ensibuko yaakoeva ku TebyasaekusalawoNamukasaafumbirwe Musaeyali omusajja omukadde/omukulu so nga ye yalinaMugga.
4. Byakuleka ne Sibyange (Nnyina waNamukasa); akakuubagano Kano kava ku Byakulekaokufuniraomwana wa mwannyina omusajja omukulu ate Sibyangen'atakkirizibwakuteesa ku kufumbirwa kwa mwanawaabwe.
5. Ssaamu ne Kitaawe; ensibuko yaako eri kitaawe waSsaamu okulemererwaokubalabirira ate na ddala mukunywa omwenge.
6. Ssaamu ne Tebeesigwa; Kano kava ku Tebeesigwaokubbanga ebintu bya Mukama we ate n'awaayirizaSsaamu.
7. Bbunga ne Ssaamu; akakuubagano kano kava kuBbungaokukkiriza nti Ssaamu yeyaliatutte ssente ze eran'amugoba ku mulimu.
8. Bbunga ne Tebeesigwa; kano kava ku Bbunga okutegeeranti Tebeesigwa ye yabbanga ebintu bye n'abitunda aten'awaayirizaamu munne.
9. Ssaamu ne Jemusi; ensibuko yaako eri ku Jemusiokugamba Ssaamu ave ku by'okwekuuma era atandikeokuganza abawala ekintu Ssaamu kye yali tayagala.
10. Tabula n'enju ya Lubega; kasibuka ku Tabula okuttaemikologyaNabukeerang'amusuubiza okumufuniraomusajja omuvuziw'ennyonyi ate nga yali alimba.
11. Namukasa ne Nnyina (Ssibyange); bano bakuubaganaoluvannyuma lwa Namukasaokugamba nnyina ngabw'agenda okufumbirwa Mugga.
12. Nabukeera ne Ssaamu; oluvannyuma lwa Nabukeeraokusalawoasuuleewo Ssaamu ate nga yali amazen'okuleeta ebintu.

**EBY'OKUYIGA EBIRI MU BUKUUBAGANO**

Omuwandiisi atuteeredde mu muzannyo gwe obukuubaganoobw'enjawulo eri omusomi bw'atutuusaako. Bino bye by'okuyiga ebiri u muzannyo guno.

1. Omusomi ayiga okugumiikiriza awamun'okukwataganaobulungi n'abantu abakulu kubanga obutagumiikirizabwa Harriet bumuviirako okukuubagana ne jjajja weolw'okumuyitaAyeti.
2. Okwewala okukozesa abalala bye batetaaga anti kinokiviirako Nnamukasa okukuubagana ne kitaawe olw'okusalawookumufumbiza Musa eyali omusajjaomukulu.
3. Omuwandiisiatuyigirizaokubeeraab'obuvunaanyizibwasi kubeera nga kitaawe wa Ssaamu eyalemererwaokubaweerera ekimuviirako okukuubagana ne mutabaniwe Ssaamu.
4. Omusomiayiga okwewala okuwaayiriza abalala kubangakino kireetera abantu obutakwatagana okugeza Ssaamuakuubagana ne Tebeesigwaolw'okumuwaayiriza.
5. Omuwandiisi atuyigiriza okwewala obuggya kubangabuviiraako abantu okukuubagana okugeza Tabulaakuubagana n'enju ya Lubega lwa buggya.
6. Tuyigamuokwekuuman'obuteegatta mu bikolwabya bufumbo okugeza Ssaamu akuubagana neJemusi kubanga yali amugambaatandike ebikolwaeby'okwegatta.
7. Omuwandiisi atukubiriza okutwala ebintu ebyoabalala bye batugamba kubanga buli lwe tulemererwakituviirako okukuubagana okugeza; Nnabukenyaakuubagana n'enju ya Lubega.

**ENNEEYISA/ENZIMBA Y'ABAVUBUKA MU MUZANNYO**

Bw'osoma omuzannyoguno"NzeMbimaze" ofuna ekifaananyi ekituufu ekikwataganan'omuvubuka okusinziira ku ngeri gye beeyisaamu. Abavubuka mu muzannyo guno be bano;

- Ssaamu
- Mugga
- Kkulubya
- Nabukeera

- Harriet
- Nambi
- Jemusi
- Tebeesigwa
- Petero

Omuwandiisi azimbye abavubuka mu ngeri zino wammanga:

1. Abavubuka bazimbiddwa nga bayivu okugeza Nambi yasoma n'amalako era n'afuuka omuntu ow'omugaso ne Harriet yasalawo okudda ku bitabo bye.

2. Bazimbiddwa nga bakozi okugeza Ssaamu muvubuka mukozi mulungi anti bwe yali ewa Bbungayakola bulungi ate ne bwe yagenda ewa Mpozayasigala akola bulungi.

3. Abavubuka bazimbiddwa nga balina eddiini okugeza Mugga yali mu Kristo era ng'afuban'okugyagazisa abalala nga bwe yakola eri Nnamukasa. Balina empisa okugeza Ssaamu muvubuka alina empisa era omuwulize anti bwe yagenda ewa Bbunga ne Mpozayakola bulungi era nga muwulize.

4. Bakumpanya okugeza Tebeesigwaakumpanya ssente za mukama we anti yalina ebitabo bya lisiitibibiriomwomweyakumpanyizanga ssente z'abaguzi.

5. Abavubuka bazimbiddwa nga baagala nnyo ebyenfuna okugeza Nnabukeeraasalawookuleka Ssaamu agende n'omuvuziw'ennyonyi kuba ye alina sente.

6. Bazimbiddwa nga bamanyiokwekuuma okugeza; Nambi yeekuuma n'ateegatta mu bikolwa bya bufumbo okutuuka lwe yafumbirwa.

7. Bazimbiddwa nga bawaayiriza abalala okugeza Tebeesigwaawaayiriza Ssaamu nti ye yali abbye ssente za mukama we ate nga ye yazitwala.

8. Omuwandiisi azimbye abavubuka nga baagala nnyo okumanya okugeza Harriet yafuba nnyo okubuuza alibaawo ku ebyo ebyatuuka ku Nnamukasa awamu ne Nabukeera oluvannyuma lw'ebyoebyabatuukako.

9. Bazimbiddwa nga balina omukwano okugeza Nambi yayagala nnyo Ssaamu n'atuuka n'okumuyambakoaddeyoasomeeyeegombebwa.

10. Abavubuka bazimbiddwa nga bamanyi okubuulirira abalala okugeza Charlisi abuulirira Ssaamu oluvannyuma lw'okulekebwawoNabukeera ekyamusobozesa okuyita bw'atyo n'afuuka omuntu era n’ava mu buzibu obwo.

11. Omuwandiisi atuzimbidde omuvubuka mu muzannyo nga bw'anyigirizibwa abalala kale bwe gutyo ne batakkirizibwakukola kye baagala okugeza; Nnamukasaawalirizibwaokufumbirwa omusajja omukulu ate nga ye yali ayagala Mugga.

12. Omuwandiisi atuzimbidde omuvubuka, nga bakwanaemikwanoegitazimba okugeza ogwa Kkulubya ne Tebeesigwa anti beewanga amagezi agatazimba okugeza ag‘okuwaayiriza Ssaamu.

13. Bazimbiddwa nga bakisa okugeza; Peteroasaasira Ssaamu olw'okufiirwa nnyina era n'afuba n'okumufunira omulimu ewa Bbunga.

14. Bazimbiddwa nga bawulize okugeza Ssaamu yali muwulize eri mukama we Bbunga ate era ne Tebeesigwa bwe yamugamba okumukimirangaamazziolw'eggulo era yakikola.

15. Bazimbiddwa nga babbi okugeza Tebeesigwa ne Kkulubya babba akagaali ka Bbunga ne bakatunda eri Baker.

16. Abavubuka beefuulira bannaabwe okugeza; Nnabukeerayeefuulira Ssaamu gwe baali bamazeokuteeseganya naye bafumbiriganwe ate n'asalawo agende n'omuvubuka omulala.

17. Abavubuka bazimbiddwa nga bagezi okusinziira kummboozi ya Ssaamu gy'anyumizaJemusiekwatagana ku mwoyon'omubiri ate era Ssaamu y'omu yasobola n'okuddayo n'asoma n'afuuka omuntu ow'omugaso.

**EBY'OKUYIGA/OBUBAKA/ENTANDA OMUWANDIISI GY’ASIBIRIRA ABAVUBUKA MU MUZANNYO.**

Omuvubuka ow'omulembeOmutebi bw'asoma omuzannyo guno tasigala kye kimu anti afuna obubaka obumufuna ekitonde ekiggya. Bino by'ebyokuyigaomuvubukaby'afuna okuva mu muzannyo.

1. Ayiga okubeera omukozi nga Ssaamu bwe valiekyamuleeteraokuganja ewa Mpoza era n'amufuula mutabani we.

2. Abavubuka bayiga okubeera abeesigwa naddala ku mirimu gye bakolera so si kubeera nga Tebeesigwaeyakumpanya mukama we bw'atyo n'amusiba.
3. Bayiga okwettanira okusoma bwe batyo basobole okutuuka ku birungi okugeza Harriet asalawoanywerere ku kusoma. Nambi ne Ssaamu nabo bafuba okusoma.
4. Bayiga okwekuuma ne bateetaba mu bikolwa bya bufumbo nga bakyalibato okugeza Saamu ne Nambibeekuuma era bwe batyo baatuuka ku kkulaly'obufumbo ne bakola amakaageegombesa.
5. Abavubuka bayiga okwagala eddiini awamu n'okugitambuliramu okugeza Mugga musajja mu Kristo era agoberera obulungi amateeka kyokka ne Ssaamu anywerera ku Katonda mu bizibu byonna by'ayitamu.
6. Bayiga okubeera abawulize eri bakama baabwe okugeza Ssaamu yali muwulize eri Mpoza ekyamusobozesa okuganja ennyo gy'ali.
7. Omuwandiisi ayigiriza abavubuka okubuulirira bannaabwe naddala nga bali mu buzibu nga Petero ne Charlisi bwe babuulirira Ssaamu oluvannyuma olw'okufiirwa nnyina awamu n'okwabulirwaNnabukeera.
8. Abasibiriraentanday'okubeeraabeegendereza naddala eri abo abeefuulaababayamba si kubeera nga Nnabukeeraeyasalawookulekawo Ssaamu agende n'omusajja avugaennyonyi.
9. Abayigirizaokusonyiwa abo ababakoze obubi okugeza Ssaamu yasobola okusonyiwaNnabukeeran'atamuleetakompalana yonna wadde nga yamuyiwa.
10. Abavubuka bayiga okugumiikiriza okugeza Mugga yagumiikiriza oluvannyuma lw'okufumbizibwa kwa Nnamukasa okutuusa Katonda Iwe yamuyamban'addamun'amufuna.
11. Beewalaokuwaayiriza abalala si kubeera nti yeyali abbey ssente za mukama waabwe ezaali mu offiisi.

12. Bayiga okwewala okukulembezaeby'enfuna mu buli kye bakola kubanga kiyinzaokubaviirako obuzibu okugeza Nabukeeraafiirwaokufumbirwa Ssaamu lwa kwagala ssente.

13. Omuwandiisi ayigiriza abavubuka okubeera ab'obuvunaanyizibwa nga Ssaamu bwe yali anti nnyina bwe yafa yasobola okufuna omulimu era bw'atyo n'alabirira ne katoke.

14. Abavubuka bayiga okubeera n'omukwano ogwa namaddala nga Nambi gwe yalina eri Ssaamu n'atuuka n'okumugambako agende asome.

15. Bayiga okuyamba bannaabwe nga bali mu buzibu okugeza Peteroyatwala Ssaamu eri Kojja we Bbungaamuwe omulimu oluvannyuma lw'okufiira nnyina.

16. Abavubuka bayiga ekitiibwa okugeza Ssaamu bwe yafuna omubeezi yagenda mu bazadde be bwe batyo ne bakola embaga.

17. Bayiga okukolagana obulungi n'abantu ababasinga ku myaka kubanga kino kijjakubayamba okusobola okufuna amagezi ag'enjawulo okugeza Harriet akolagana ne Alibaawoeyamwagazisa okuddamu okusoma.

**Qn. Nnyonnyolan'ekyokulabirako engeri omwana owobuwalabw'aganyulwa mu muzannyo guno NzeMbimaze".**

**OBUBAKA OMUWANDIISIBW'ATUUSA ERIOMUZADDE**

Prisca Nakitto mu kuwandiika omuzannyo gwe guno, omuzadde naye teyamusuula muguluka anti alina obubakabungi bweyayagalaokumutuusaako. Abazadde abali mumuzannyo be bano;

- Ssibyange
- Byakuleka
- Tebyasa
- Alibaawo
- Mw. Lubega
- Muky. Lubega
- Musa n'abalala.

Buno wammanga bwe bubakaabazadde bwe bafuna okuva mumuzannyo.

1. Okwewala okufumbiza abaana nga tebanneetuukasi kubeera nga Byakuleka ne TebyasaabafumbizaNamukasa eri Musa ng‘akyalimuto.
2. Okuwulirizaokusabakw'abaana baabwe naddalanga balina kye betaaga so si nga Tebyasa eyagaanaokuwulirizaNnamukasaeyamusabaokufumbirwaMugga ate ye n'agaana n'agendera ku bya mwanyina.
3. Okukuza obulungi abaana baabwe mu mpisa nga mwamine mukyala Lubega bwe baagunjula abaana baabweera abasinga ne bafuna ababeezi wadde ng‘embaga yaNnabukeeraerinnyibwamueggere.
4. Okutuukirizaobuvunaanyizibwabwabweobw'okulabirira abaana baabwe si kubeera nga kitaawewa Ssaamu eyabulekera mukyala we ye n'adda mukutamiira.
5. Okwewala ettamiiro okusobola okulabirira amakagaabwe okugeza singa kitaawe wa Ssaamu teyadda mumwenge abaana be tebaalibonyeebonye ate era bweyagulekayafuukawabuvunaanyizibwa.
6. Okusembeza awamu n'okuyamba abali mu buzibuokugeza Mpozaasembeza Ssaamu era n'amufuulamwanawawakaekyamuyambaokwekulaakulanya.
7. Abazadde bayiga okuyisa abaana ekyenkanyikubasosolamu okugeza Mpoza abaana be yabayisangekye kimu ne Ssaamu nga toyinza kulaba njawulo.
8. Bayiga okuyigiriza abaana baabwe emirimu basoboleokubeera abakozi okugeza Mpoza ayigiriza abaanabonna mu maka ge emirimu.
9. Okwewala okubeera n'obuggya eri abaana b’abalalaokugeza Tabula akwatirwaNnabukeera obuggyabw'atyo n'atuuka n'okuttaekyama kye ekintu ekitaalikituufu ku muzadde.
10. Bayiga okuyigiriza awamu n'okwagazisa abaanabaabwe eddiini nga bazadde ba Mugga bwe baamutwalaokusoma eddiini ya Kristo.
11. Bayiga okuweerera abaana baabwe nga bazadde baNnambi bwe bamuweerera ate ne Mugga naye yaliasoma era n'asuubizaNnamukasa nti bw'amala okusomabafumbiriganwe.

12. Bayiga okwegendereza abantu abeefuula nti balumirirwaabaana baabwe kuba bayinzaokubasuula mu buzibunga Tabula bweyattaekyama kya Nabukeera.
13. Abazadde bayiga okubuulirira abaana baabwe okugezaAlibaawo abuulirira Harriet (muzukulu we) akabiakalimu kumala ebitabo.
14. Bayiga okwewala okwagala ennyo ebyenfuna ngabafumbiza abaana baabwe si kubeera nga Byakulekaawamu ne TebyasaabafuumbizaNnamukasa ewaMusa kubanga mugagga ate ne bazadde ba Nnabukeeraabaalekawo Ssaamu olw'obwavu.
15. Bayiga okwetondera bazadde bannaabwe naddala ngababasobezzaako okugeza Tabula yeetondera ba Lubegaoluvannyuma lw'okuttaekyama kya muwala waabwe.
16. Bayiga okunoonyereza ku nsonga eba ezzeewo naddalang'enebakosa so si kumalagatwala nsonga nga bwebaziwulidde singa Muky. ne Mw. Lubega baasookakunoonyerezatebandigudde ku buzibu obwo.
17. Okwewala okwesunga ebintu ebikwata ku baana baabwenga tebinnabeerawo si kubeera mwami ne mukyala Lubega abeesungaomuvubukaavugaennyonyi ntingay'agenda okuwasa muwala waabwe ate nga teyaliyo.

**EBIZIBU ABAKYALA AB'EDDA BYE BAAYITAMU**

Bw'osoma omuzannyo guno gutwoleka Harriet ng'akooyeebitabo era nga yeegomba okubeera abakyala ab'eddaabataasoma kuba oboolyawo bo tebaayita mu buzibu nga yebweyalimuobw'okubonaabonan'ebitabo.

Omuwandiisi atwoleka bulungi nti abakyala bano baalinaebizibu nkumu bye baasanga mu bulamu bwabwe era bye bino:

- Baababafumbizangabakyali baana bato ne bwe babeerangatebeesiimidde okugeza Nnamukasabamufumbiza ewaMusa ng'akyalimuto ddala.
- Tebakkirizibwangakwefunirabaami/bavubuka bo bebaabangabasiimye wabula nga bababagobya okugezaNnamukasatebaamuganyakufumbirwa Mugga ate ngaye gwe yali ayagala.

- Omukyalaoweddayafumbizibwanga Omusajja atali wa myaka gye ate nga teyalinangabugaanirookugeza Nnamukasaafumbizibwa Musa eyali atuusen'okumuzzukuza.
- Teyabeeranganabuyinza ku bintu ebikwataganan'omwanagw'azaala okugeza Sibyangebaamugaanaokusalawo ku nsonga z'okufumbirwa kwa Nnamukasakyokka nga yeyali nnyina.
- Tabeera na baana mu maka anti bonna baba bamusajjakubanga aba teyajja nabo. okugeza Sibyange alangirwanga bw'atajja na baana, "saagalira ddala mukazi kwepankira mu mwanawange. Wajjan'omwanamuno?"
- Abakyala bano baakubwangaemiggo kyokka ne basirikaolw'okwagala okukuuma ekitiibwa kya ba bbabwe (ngabwekiri mu luyimba "Omukaziowedda" pg. 18, 19).
- Atwalibwang'atalina magezi mu buli ky'akola neky'alowoozan'olwekyo abeera avumwa okugezaSibyangeavumwa bba (Tebyasa) nti "naye mukazi ggweomusiru, toleetawanomateeka...."
- Teyagendanga ku ssomero anti nga balabatekyetaagisaokugeza Nnamukasabweyayogera ku ky'okugendaku ssomero okusoma ne Mugga baamukaayukiraebitagambika.
- Abakyala baatwalibwanga nga ekyettunzi anti omusajjaeyabanga n'essente eziwerayasobolanga okuwasaabakyala bonna baayagalaab'emyaka gye n'abataliokugeza Nnamukasaafumbizibwa Musa kuba musajjamugagga naye ate nga si wamyaka gye.
- Abakyala bano batiisibwatisibwanga nnyo babba babwe.Kale mu mbeera eyo ne bafumbira mu kweraliikiriraokugeza Tebyasa agamba mukyala we Sibyangeatwaleomwana gy'amuzaalabw'aba tayagala afumbirwe Musa.
- Tebaalinangaddembelyakutambula wadde okugendakookumpiwatya anti wayinzangaokunyagibwa abantu nebakwetwalira. Bino Alibaawoabigamba mu muzzukuluwe.
- Omukyalakasitayafumbirwangayatwalibwanga ngakalogoyi naddala buli muntu eyasangibwanga ewakaokuggyako abaana bazaala.

- OmukyalaYatuntuzibwanga nnyo ssingayalemererwangaokuzaala omwana/abaana ab'obulenzi anti mwe mwavangaomusika. Omwana omulenzi ye atwalibwa nga wa mugasookusinga omuwala.
- Ensobiezaakolebwanga abaana baabwe nga ziteekebwaku bo butereevu okugeza Nnamukasabw'addamussengawebavumamu nnyina.
- Okufukamirakyabeeranga ku bakyala/bawala wadde nga mwayinzangaokuba nga mwenkanaemyaka.

**Qn. “.....weebaleemboozi yo nnunginangesikyegombakuzaalibwa mu mirembeegyoegy'edda."**

**Ani ayogera? Lwakiomwogeziteyeegombakuzaalibwa mu Mirembe egy'edda?**

**EBY'OBUWANGWA BW'ABAGANDA MUMUZANNYO**

Nakitto Priscamukyalaassaamueby'obuwangwabw'Abagandaekitiibwa.

Kino kyeyolekera bulungi mu muzannyo gwekubanga tabisudde muguluka era ayagala abasomi bebabimanye. Ebimu ku by'obuwangwa mu muzannyo bye bino;

- Empisa y'obufumbo; bw'osoma omuzannyo gunoomuwandiisi atwoleseamaka awamu n'obufumbong'abizimbira ku bantu ab'enjawulo okugeza Obufumbo bwa Tebyasa ne Sibyange, Ssaamu ne Nambi, Omwamin'omukyala Lubega. Ate kino ky'ekimu ku buwangwabw'Abaganda.
- Omuwandiisi Atwolese obukulu bwa Ssenga mu kika antiasengekaensonga zonna ezibazituuseewo eri omwanawa mwannyina okugeza Byakuleka yali musaale nnyomu mikolo
- Kya buwangwa bw'Abaganda omwanaokufunirwaomubeezi ate talina bugaaniro nga bwetulaba mu muzannyoNnamukasabaamufunira Musaera kino kikolebwa Ssenga we.

- Ennunjulay'abaana nayo yeeyolekedde mu muzannyong'ekyobuwangwa okugeza Omwami ne MukyalaLubega bagunjula bulungi abaana baabwe era bonna nebafumbirwa nga bayita mu mitenderaemituufu.
- Ekifoky'omwami/omusajja mu maka kirambikiddwa bulungi nga bwe guli mu buwangwaokugeza Tebyasaasalirawoamaka ge tagendera ku byamukazi we bwe gutyo y'ensonga eviirakoNnamukasaokufumbirwa Musa.
- Buvunaanyizibwa bwa mukyala mu maka okuyigirizaabaana emirimu ng'okulima, okufumban'okuluka mubuwangwa bw'Abaganda (pg. 17).
- Mu buwangwa omwana omuwala yafumbizibwangambeerera (nteeka) era ng'aweebwa ekitiibwa okugezaNnambiafumbirwaomwa Ssaamu nga talabaganangana musajja yenna.
- Mu buwangwa abaana babeera ba musajja nga bwekyeyolekera mu muzannyo okugeza TebyasaalangiraSibyange nga bw'atajja na mwana mu maka omwo.
- Mumuzannyo mulimu omukologw'okwanjula era munobasasula sente awamu n'okuleetaebitaby'omwengeokugeza ku mukologw'okufumbizaNnamukasa.
- Okubuulirira (okuvuma) omugole agenda mu ddyanabwo buwangwa okugeza; Nnamukasaabuulirirwannyina awamu ne ssenga we.
- Obukulu bw'okuzaala abaana abalenzi anti omukyalaeyazaalanga abalenzi yaweebwanga ekitiibwa kubamu buwangwa okuzaalabaagendererangamukwazakika n'okweraga ewa Kabaka nga bwe balina abasajjaabawera.
- Omuwandiisi ayogera ku mpisaey'okufukamira mubaana abawala era alaga nga nkulu nnyo mu buwangwabw'abaganda naddala okufukaamirirabalo awamu nebalamu bo. Anti kino Alibaawoakinyonnyolamuzzukuluwe Harriet (mu nnyingoesookaakatunduakokuna).
- Omuwandiisi ayogera ku busika awamu n'obukulubwabwo anti atulaga nti omukyalaeyazaalangaomulenziyabangaazaddemusika era ng'amweyagaza nnyo.
- Okuzzaayo embuzi mu bazadde singa omuwala/omugoleasangibwamuto (nteeka) kya buwangwaokugeza ku mbaga ya Nnambi ne Ssaamu bazzaayoakabuzi.

- Okunoonyereza ku muntu gwe-mwagala okuwasa obaokufumbirwa nga temunnagenda mu maaso n'emikolenakyo kiri mu buwangwa okugeza mukwano gwaSsaamu yabuuliriza ku Nnambisikulwa ng'alinaoluganda ku Ssaamu.
- Empisa ey'ekizzanŋanda okugeza abantun'emikwanogyaBassaamugyajja mu kuteekateekaembaga yaabwe.
- Mu buwangwa omuwala bwe baamufumbizangaomusajja nga tanneetuuka nga teyegatta nayeyakwasibwangakaddulubaale n'amulabirira okutuusang'akakase.
- Omuzannyo gwe atuteeramuennyimba okwongeraokunnyikiza obukulu bw'okuyimba/bw'ennyimba mubuwangwa bw' Abaganda okugeza; "eddembe ku nsi""Mbimaze".
- Mu muzannyo mulimu enfumo/okufuma era ngakyekimu ku buwangwa bw'Abaganda okugezaAlibaawoafunira Harriet Lukomeraeyafiirwa eka nemu kibira. (pg 67)
- Engero n'ebisoko ebiri mu muzannyo nabyo bitwolekabuwangwa bw'Abaganda naddala mu nkozesay'olulimiokugeza Tebyasa (ebigambo tebyasa mutwe ...)Byakuleka (Byansibyakuleka)

**Qn. Nyonnyolan'ebyokulabirako engeri Prisca Nakittogy'aliomukyalaassa ekitiibwa mu by'obuwangwa.**

**EBIZIBU EBISANGIBWA ABAANA AB'OBULENZI**

Omuwandiisi w'omuzannyo guno atwoleka ng'abaana abalenzinabo balina ebibasomooza bingiokusinga ku baana abawala.NoolwekyoAlibaawoannyonnyolamuzzukulu we Harrietnti tasaanyekwegomba kubeera mulenzi. Bino wammangaby'ebizibu abalenzi bye bayitamu;

- Batwalaobuvunaanyizibwabw'abazadde baabweobw'okulabirirabato baabwe naddala nga bazaddebaabwe bavuddewo okugeza Ssaamu yeeyasigazaobuvunanyizibwa nga nnyina afudde.
- Tebalina mukisa gwa kufuna mangu mirimu gitalmisomerere nga bwe kiri ku mwana omuwala okugeza Seaamu bwe yatwalibwa ewa Bbungateyasookakumwesiga yalina okwennyonnyolako ennyo.

- Tebasobolakumalagafunababeezi nti babayambeko nga bwe kiri ku bawala. Bo balina kusookakwekulaakulanyakugeza Ssaamu yali tasobokakuwasizaawo oluvannyuma lw’okufa Kwa nnyina.
- Balabirwa mu kifaananyi kya bubbi na bukumpanya ne bwebaba nga tebabirina kale bwe gutyo n’abandi bayambye tebabayamba, okugeza; Ssaamu bw'agenda ewa Bbungaamulabamuemizegyokka, nga bw'ajjaokubba ebintu mu offiisi.
- Abaana abalenzi batwalibwaokubaabatamiivuabatasobola kubeerawo nga tebanywedde naddala nga bafunye sente okugeza; Bbunga mu kusooka atwala Ssaamu ng'omutamiivu.
- • Batuntuzibwaate nga tebalina bwogerero anti babakozesa emirimu mingi n'egitali gyabwe olw'obunaku okugeza Tebeesigwaakozesa Ssaamu emirimu mingi n'atuuka n'okumugambaamukimireamazzi.
- • Bavumwaawamun'okujolongebwa okugeza Tebeesigwaavaamu Ssaamu ng'amulangaokubaomunafu era atayagalakukola era amucunga.
- •Bakulira mu mbeera nga tebalina abayamba wabula nga webasanga we babeera, basuzibwabusuzibwa okugeza Ssaamu yali talina wakusula wabula wakusuzibwa.
- Bawaayirizibwa okugeza; Ssaamu awaayirizibwaokubba ssente za mukama we Bbunga ate n'atamukkirizakwewozaako.
- Bagobwa ku mirimu ne babundabunda nga tebalina buyambibwonna ate nga balangibwabwemage okugeza Ssaamu agobwa ewa Bbunga nga talina musango.
- Abavubuka abalenzi balekebwawo baganzi-baabwe oluvannyuma lw'obutaba na ssente okugeza; Ssaamu alekebwawoNabukeera n'agenda afumbirweomuvuziw'ennyonyi.

- Tebawulirizibwa ne bwe baba nga be batuufu okugeza, Bbungaagaanaokuwuliriza Ssaamu bwe yayagala amunyonnyole ku bikwatagana n'essente.
- Balemesebwa okufuna ekyo kye beetaga nga babakonjera okugeza; Tabula alemesa Ssaamu okuwasa Nabukeerang'amukonjera nti baalinaemize mu maka gaabwegy'ava.
- Beekyawa ne baagala n’okweggya mu bulamu bw’ensi eno ng'ebizibubibayinze okugeza Ssaamu yayagala okwetuga bwe baamubbisa ssente za Mukama we.p37

***Qn. “Katondayeebale, Ssaamu yabonaabona nnyo mu buvubuka bwe naye yakubagizibwa"***

***I. Ani ayogera ebigambo ebyo?***

***ii. Bikiebyalibyakamalaokubeerawo?***

***iii. Katondaakubagizaatya Ssaamu?***

**EBY'OKUYIGA/OBUBAKA OBULI MU NYIMBA OMUWANDIISI Z’ATUTEERA MU MUZANNYO.**

Omuzannyo "NzeMbimazegufumbekeddemuennyimba ez'enjawulo era nga muzo omuwandiisi agendereraokututusaako obubaka obw'enjawulo.Ennyimba mu muzannyo mwe muli;

- Obuvubuka nga buwooma.
- Omuntu tomwesiganga.
- Omukaziow'edda,
- Olumbewankola bubi,
- Abatabaazi,
- Yeesiimyeassaessuubi lye mu Mukama.
- Eddembe ku nsi,

- Mbimaze

Buno wammanga bwe bubaka okuva mu nnyimba zino;

- Omusomi ayigaokugumira ebizibu by'asanga mu bulamu ng'omukaziow'eddabweyagumirangaebivumon'okunyoomoolwa (Omukaziow'edda).
- Omusomi ayigaokutuukirizaobuvunaanyizibwa bwe okugeza; omukaziow'eddayalabiriranga abaana be ne bba. (Omukaziow'edda).
- Omuwandiisi atuyigiriza okubeera abakozi era abagezing'abakyala/abakazi ab'edda bwe baali (oluyimbaOmukaziow'edda).
- Omuwandiisi ayigiriza abantu okutwala okubuulirirwaokubaweebwa abantu abakulu naddala abavubuka. (Obuvubuka nga buwooma).
- Atuyigirizaokufubaokwekolerera nga tukyali bavubuka kuba bwe tutaakozese bulungi buvubuka bwaffe tujjakubwevuma.
- Tusaanye okwewala okwesiga buli muntu gwe tusanze kubanga abantu bannanfuusi (Omuntu Tomwesiganga).
- AtuyigirizaokwesigangaKatonda mu buli kye tukola kuba aba naffebulijo mu bulamu ne mu kufa (Yeesiimyeassaessuubi lye mu Mukama).
- Omuwandiisi atukubirizaokwewaemirembe kubanga buli wetugisuubirategiriiwo, mu bagagga ne mu baavu.(Eddembe ku nsi).
- Omuwandiisi atuyigirizaobutakiikirabatusingansingo okusobola okufuna emirembe. (Eddembe ku nsi).
- Omuwandiisi atuyigiriza okwewala okwesaasira buli kabanga awamu n'okwegayaagaya. (Mbimaze).

- Atukubirizaokunyikirira okusoma ebitabo n'okwewala okubitya. (Mbimaze).
- Atuyigiriza okwewala okutyaokwannangaebikalubo.(Mbimaze).
- Okwewala eby'okulimbalimban'okuwaayiriza abalala. (Mbimaze).
- Omuwandiisi akubiriza abantu okulekaebikyamu byonna wabula begatte basobole okuzimbaeggwanga (Mbimaze).

**EBIKOLWA EBITAJJANSA/EBY'EKKO MU MUZANNYO.**

Omuntu asomaomuzannyo guno asanga ebikolwa eby’ekko omuwandiisi bye yagendereraokuvumirira era nga bye bino wammanga.

- Okufumbiza abaana abato kye kimu ku bikolwa omuwandiisi by'avumirira okugeza; TebyasaafumbizaNnamukasa ewa Musa.
- Obubbi nabwo bufumbekedde mu muzannyo era nabwo omuwandiisi - abuvumirira okugeza; Tebeesigwa abba ebintu bya mukama we n'abitunda.
- Obuggya bweyolekedde mu muzannyo guno "NzeMbimaze". Era buviirako abantu ebizibu bingi okugeza Tabula akwatirwaBalubega obuggya bw'atyo n'attaekyama kya muwala waabwe.
- Mu muzannyo mulimu okuwaayiriza era nga kuno tusaanatukwewale okugeza Tebeesigwaawaayiriza Ssaamu nti ye yabba ssente za mukama waabwe.
- Mu muzannyo guno mulimu obulimba era omuwandiisi abuvumirira okugeza; Tabula alimba Balubega nga bwe yali afunidde muwala waabwe Nabukeera omwami ow’okufumbirwa.
- Obukumpanya obweyolekedde mu muzannyo nabwo buyinzaokukyaya omusomi omuzannyo guno okugeza Tebeesigwaakumpanya ssente za mukama we ng akola ekitabo kya lisiitiekirala.
- Ettamiiro nakyo kikolwa omuwandiisi ky'avumirira okugeza kitaawe wa Ssaamu anywa omwenge n'alemwa n'okulabirira abaana be.
- Okukuba abakazi kikolwa kya kko era kisaanaokuvumirirwa okugeza; abakyala ab’eddabaakubwenga abasajja ate nga teboogera.
- Omuwandiisi avumiriraobukaba mu bavubuka anti atwoleka Jemusing'amatiza Ssaamu asookeyeegatte n'omuwala nga tannamuwasa ye n agaana.

- Okuvuma nakyo kikolwa omuwandiisi ky'avumirira mu muzannyo gwe okugeza; Tebyasaavumamukvala we Sibyange olw'okugaana omwana okufumbirwa Musa ekikolwaekitalikirungi.

***Qn. "Omuntu asomaomuzannyo guno ayinza okwetamwa ensi y'omuzannyo mwe guzimbiddwa". Kubaganaebirowoozo.***

**ENZIMBA Y'ABAKYALA MU MUZANNYO**

Omuzannyo guno gufumbekeddemu abakyala bangi era omuwandiisi atulaga enneeyisa yaabwe. Abakyala abali mu muzannyo guno mwe muli;

- Alibaawo
- Nnambi
- Nnabukenya
- Harriet
- Ttabula
- Sibyange
- Nnamukasa
- Mukyala Lubega
- Nabukeera
- Byakuleka.

Abakyala bano batuggirayo ·ekifaananyi ky'abakyala era omuwandiisi abazimbye bw'atyi;

- Abakyala bakozi anti tulaba nnyina wa Ssaamu ng'afumbaKabalagalan'amutunda bw'atyo n'afuna ssente ezirabirira abaana be ate era yali mukyala mulimi.

- Balina obuvunaanyizibwa ku baana baabwe ne bwebaba nga tebayambiddwa basajja okugeza nnyina wa Ssaamu ye yafubanga n'akola bw'atyo n'abalabirira.
- Abakyala bannyumya okugeza Alibaawoanyumizamuzzukulu we Harriet ku ebyo ebikwatagana n’omukyala ow’edda.
- Bagumiikiriza okugeza omukyalaow'eddayagumiranga ebizibu bingi okugeza okukubwaemiggo awamu n'okuyisibwamu amaaso.
- Abakyala bazimbiddwa nga bayivu okugeza Nnambi yasoma ebitabo bye n'abimalan'afuuka omusawo era bw'atyo n'agasaeggwanga.
- Abakyala bazimbiddwa nga balina obuggya eri bannaabwe abafunyeebirungiokugezaTabulaakwatirwa Mukyala Lubega obuggya olw'okufumbizanga abaana be.
- Bazimbiddwa nga baagala nnyo ebyenfuna okugeza Byakulekaafunira omwana wa mwannyina (Namukasa) omusajja omukulu kuba yali mugagga.
- Abakyala bazimbiddwa nga tebalina bwogerero ne bweziba nsonga ezibakwatakoobutereevu okugeza Sibyangeagaanibwaokusalawo ku bikwata ku kufumbirwa Kwa muwala we.
- Bamanyi okubuulirira, okugeza; Alibaawo abuulirira muzzukulu we Harriet okunywerera ku misomo ogye.
- Abakyala bazimbiddwa nga balina eddiini era nga baagala Katonda okugeza Namukasa bwe yatoloka ya ddukira wa Kabonaeyamuyambaokuwonaokufumbizibwa
- Beetondanaddalangabategeddeensobizaabwe, okugeza Tabula yeetonderaab'enju ya Lubega olw'ebyo bye yali abatuusizzaakong‘ekyokuttaekyamaky'omwana we.
- Bazimbiddwa nga baagala awamu n'okussaamu eby'obuwangwa ekitiibwa okugeza Alibaawoawagiraekikolwaeky'okufukamira mu bakyala.

- Bazimbiddwa nga bakambwe okugeza ByakulekaakambuwaliraSibyange awamu ne Namukasa kubanga baali bamuwakanya nga bagaana omusajja gwe yaleeta.

- Abakyala bazimbiddwa nga sibeesigwa era beefula okugeza Nnabukeerayeefuulira Ssaamu n'agaana okumufumbirwa kyokka nga yali amaze n'okuleeta ebintu.

**OLULIMI OMUWANDIISI LWE YEEYAMBISA MU MUZANNYO**

Prisca Nakitto mukugumukukozesa olulimi okusobola okufuula omuzannyo gwe omunyuvu era eno y’engerigy’akozesaamu olulimi;

- Mu muzannyo mulimu olulimi olunnyonnyozi anti omuwandiisi atunnyonnyola ku bintu ebyenjawulo okugeza ku bizibu ebisangibwa omwana omulenzi.

- Omuwandiisi yeeyambisa olulimi olwa bulijooluyamba omusomi okutegeera ebyo by'awandiika anti ebigambo by'akozesa byangu.

- Omuwandiisi yeeyambisa olulimi olw'ebisoko n’engero olwongeraokunyumisaomuzannyo okugeza ByansiByakuleka.

- Mu muzannyo mulimu olulimi olukuba ebifaananyi luno luyamba omusomi okwefumiitiriza okugeza olwo olweyambisibwa mu kufumbirwa Kwa Namukasa.

- Omuwandiisi yeeyambisa oluliumiolwemulugunya nga sibyange lwe yakozesa nga bagenda okufumbiza omwana we omusajja omukulu.

- Omuwandiisi yeeyambisa olulimi olubuulirira okusobola okutuusa obubaka eri omusomi we okugeza; Alibaawoalweyambisang‘abuulirira Harriet.

- Yeeyambisa olulimi olusaaga olwongeraokunyumisaomuzannyo gwe okugeza alibaawoalweyambisa ng'ali ne muzzukulu we anti ng'amuyitaAyeti.

- Omuwandiisi yeeyambisa olulimi olusiima, okugeza; Nnamukasaalweyambisang'asiima Mugga okubeera ow'ekisa.

- Mumuzannyo mulimu olulimi oluvumi okugeza Tebyasa yeeyambisa olulimi luno ku mukyala we Sibyange mu kufumbirwa kwa muwala waabwe.
- Olulimi oluwaana.

**ENZIMBA Y'ABAZANNYI MU MUZANNYO**

Omuwandiisi omuzannyo gwe agutaddemuabazannyi abawera ng agenderera okutuusa obubaka eri abasomi be. Abamu ku bazannyi be bano;

- Alibaawo,
- Harriet,
- Tebyasa,
- Sibyange,
- Byakuleka
- Nnambi,
- Muky. Lubega,
- Tebeesigwa,
- Ssaamu,
- Mugga
- Petero n'abalala bangi.

**ALIBAAWO**

- Ono ye jjajja wa Harriet.

- Azimbiddwa nga mukulu mu myaka anti emboozieziimuzaanyumya za dda okugeza omukaziow'edda

- Mukyala munnyumya, okugeza; anyumizaHarietemboozi ez'enjawulo ezimuzimba.

- Alina eddiini kubanga buli kaseera abeera agamba muzzukulu we okwekwasaKatonda mu buzibu

- Azimbiddwa nga mugumiikiriza anti akubirizamuzzukulu we Harriet okubeera omugumiikiriza mu buzibu bw'asanga.

- Mukyala ayagala ennyo eby'obuwangwa okugeza a siimaekikolwaky'abakyalaeky'okufukamira.

• Atwala okusoma nga kikulu anti aubirizamuzzukulu we Harriet anyweze ebitabo bye aleme kwegomba ebyo by'alabye.

- Amanyi okusaaga okugeza tumulabang'asaaga ne muzzukulu we Harriet ku ntandikwa**y'omuzannyo.**

**HARRIET**

- Ono ye muzukkulu wa Alibaawo

- Azimbiddwa nga muyizi anti yali asoma mu Seniya  ya kusatu

- Alina omukwano, okugeza; agulirilajajawe we  amutiisatiisa n'okumukyawa.

- Anyoomereza ebyobuwangwa okugeza tayagala kufukaamirirabalamu be kuba alaba benkana.

- Mutitiizi anti asoma ebitabo n'awulira nga yeetamiddwa kubanga alaba bimuyitiriddeko.

- Atwala okubuulirira okumuweereddwa okugeza yasalawo okuddamu okusoma ebitabo bye yali amaze.

- Alina ekisa anti akwatirwaNamukasa ekisa olw’okumufumbiza omusajja omukulu.

**SAAMU**

- Ono ye muvubuka eyafiirwa nnyina kyokka nga kitaawe tafaayo bw'atyo n'atwalaobuvunaanyizibwabwonna.

- Musajja mukozi anti yafuba okukola n'abeezaawo muganda we ate era yali mukoZi mulungi ewa Bbunga ne Mpoza.

- Alina obuvunaanyizibwa kubanga bweyakola ssente yasobola n'okulabiriramuto we.

- Muyivu kubanga bweyamala okuwasa embagayaddayo n'asoma n'afuuka wa mugaso mu ggwanga.

- . Alina eddiini anti annyonnyola munne Jemusi nga bwekiriekirungiokwekuuma kubanga Katondaky'ayagala.

- Mugumiikiriza kubanga yasobola okugumiikiriza n'ateegatta n'abawala okutuuka lwe yafuna omubeezin'awasaembaga.

- Amanyi eby'obuwangwa okugeza bwe yafuna omubeezi (Nnabukeera) yafuba n'agenda mu bazadde be era n'atwala ebintu.

- Musajja ayise mu nnakuewera okugeza agobwa ku mulimu ate n'atasobola kwe nyonnyolako.

- Alina emikwanoegizimbaegimuyamba naddala ng'agudde mu buzibu okugeza Charlse, Petero.
- Alina empisa era buluw'agendaasiimwa okugeza bwe yabeera ewa Mpozayayagalwa nnyo.
- Amanyi - okubuulirira okugeza abuulirira Jemusi okwewala endwadde bo ng'abavubuka.
- Ayagala Kabaka we era amujulizaako ng omuntuayagala abantu balamu mu mboozi ye ne Jemusi.
- Musajja muwulize kubanga emirimu gyonna egyamuweebwanga ng' ali ewa Bbungayagikolanga
- Asonyiwa kubanga yasobola okusonyiwaNnabukeera era bwe batyo ne bafuukabamukwano.
- Asiima okugeza bwe yali ewa Mpozayamusiima era amwogerako bulungi olw'ebyo bye yamukolera.
- Azimbiddwa nga mufumbo anti yawasaNnambi

**TEBEESIGWA**

- Ono ye muvubuka eyakolanga ewa Bbunga era azimbiddwa bw'ati;
- Mukumpanya; anti bwe yali akola ewa mukama we yalina ebitabo bya lisiitibibiri bw'atyo ng akumpanya ssente.
- Alina obuggya; kubanga Bbunga bwe yaleeta Ssaamu n'amuwa omulimu afuna obuggya era awulira bubi ng'alowooza bagenda kumugoba.

- Awaayiriza; okugeza yawaayiriza Ssaamu nti y’ abba ebintu bya kampuni awamu n'essente ekyaviirako Ssaamu okugobwa ku mulimu.

- Mubbi; okugezaabbaakagaali ka mukama wen'akatundu era abba ne ssente bw'atyo n'awaayiriza Ssaamu.

- Tasiima anti Bbunga amuwa omulimu ate n'amusasula bulungi.

- Alina emikwanoegitazimbaegimuwa amagezi agatalimatuufu okugeza yalina Kkulubyayamuwagiranga mu bubbi.

- Atulugunya abalala okugeza agamba Ssaamu nti buli lw'ava ku mulimu amukimireebidomolaby'amazzibibiri.

- Mulimba kubanga agamba nga bw'ataguzanga Haji ku cement kyokka nga ye yali yamumuguza.

**BBUNGA**

- Ono ye mwami eyawa Ssaamu omulimu era ye kojja wa Petero.

- Musajja mukozi kubanga yali yateekawoedduukaery'amaanyi mu kitundu ng'alina n'abantu bakozesa.

- Yatamwa ababbi kubanga bwe yamanya nga Tebeesigwaabbye ssente ze yamusiba.

- Alina ekisa anti yasobola okusembeza Ssaamu n'amuwa omulimu mu kampuni ye.

- Yeetonda naddala bw'amanyang'akozeensobi okugeza yeetondera Ssaamu oluvannyuma lw'okumugoberaebitaliimu.

- • Amanyi enneeyisa y'abavubuka kubanga anyonnyola Ssaamu nti olunaamalaokumuwa omulimu ng´akyukaempisa.
- Tatwaliramateeka mu ngalo kubanga bweyakwataTebeesigwang'amubbye yamutwala ku poliisi.

**TEBYASA**

- Ono ye kitaawe wa Nnamukasa.
- Ayagala nnyo ebyenfuna kubanga afumbiza muwala we ewa Musa olw'okuba alina ssente.
- • Mukambwe okugeza akambuwaliraNamukasang'agaanyeokufumbirwa Musa n'ayagalan'okumukuba.
- • Tassaamu mukyala we kitiibwa kubanga omukyala bwe yagezaakookumugaanaokufumbiza omwana yamugamba amunoonyeze kitaawe.
- • Assa mu by'obuwangwa ekitiibwa kubanga yalekera mwannyina omulimu ogw'okunoonyeza bawala be abasajja ab'okubawasa.
- Eby'okusomatabitwala nga kikulu kubanga abaana teyabatwala ku ssomero era Nnamukasabw'ayogera ku by'okusoma kitaawe tayagala kubiwulira.
- Alina obuyinza mu maka ge era tayagala muntu amufugira mu makage, okugeza; akaayukira mukyala we ng'amuleetakoolugezigezi.
- Mufumbo kubanga yali yawasaSibyange era ng’alina n’abaana.

**MUGGA**

- Ono ye mukwano gwa Nnamukasaeyamusuubiza okumuwasa.
- Alina eddiini anti yali agisoma ate era ng agigoberera bulungi naddala eya kristo.

- Yettanira okusoma era yali ayizeokuwandikan'okusoma.
- Mugumiikiriza okugeza yalindiriraNnamukasa era yamusuubiza okumuwasa ng amaze okusoma.
- Alina omukwano okusinziira ku ngeri gye yayagalamuNnamukasa.

**NNAMBI**

- Ono mukwano gwa Ssaamu ate oluvannyuma gwe yawasa.
- Mukyala muyivu kubanga yasoma n'amalako n'afuuka Doctor era n'agasaekitundu.
- Alina omukwano yagula Ssaamu n'atuuka n'okumuyambakoadde ku ssomero.
- Mukyala mugezi kubanga yasomanga bulungi ng'ali ku ssomero ekyamusobozesa okumalako emisomo gye.
- Ssi mukaba kubanga yasobola okwekuuma nga teyeegasse na basajja okutuuka lwe yafumbirwa.
- Akolagana n'abantu anti ne bweyatuuka ku mbaga ye abantu bajja okumuyamba.
- Mufumbo yafumbirwa Ssaamu era ne bakola amakaageeyagaza.
- Mukozi kubanga bwe yamala okusoma yatandika okukola eby'obulimi era yayamba nnyo n'ekitundu kye.
- Mugumiikiriza kubanga yaleka abasajja bonna abajjanga okumuganza okutuusa lwe yamaliriza emisomo gye.

**NABUKEERA**

- Ono ye muwala eyali agenda okufumbirwa Ssaamu.

- Alina empisa anti Ssaamu bwe yamugamba okumuwasa teyamuvuma wabula yamuddamu mu ngeri esinga bulungi.
- Ayagala ebyenfuna anti asalawo okugenda n'omuvuziw'ennyonyi. (Steven).
- Teyeesigwa kubanga yasalawo okuleka Ssaamu eyali amaze okusasula ebintu bye n'agenda n'omuvubuka omulala.
- Apapirirang'akola ebintu bye kubanga teyasookakulowoolereza ku musajja gwe bamugambaokufumbirwa.
- Muwala mugezi anti ayogerwako banne bwe Alina omukwano era yayagalanga Ssaamu lwakuba waliwoabaabatabula (Tabula).
- Yeesunga ekintu ky'atannafuna okugeza yeesunga okugenda mu mawangag‘ebweru.

**TABULA**

- . Ono ye mukyala eyattaekyama kya Nnabukeera.
- Alina obuggya okugeza akwatirwaBalubega "obuggya olwokufumbizanga abaana baabwe.
- Alina akalimiakamatiza okugeza yasobola okumatizaab'enju ya Lubega nga bweyafunye omusajja omuvuziw'ennyonyi.
- Alina olugambo okugeza anyumiza mukyala Ssebattaebitakwataganan'ebikwaata ku nju ya Balubega.
- Amanyi okutemerera ebigambo okugeza atemerera Ssaamu ebigambo ng'amaka gaabwebwegalimuemize.
- Talina ddiini kubanga avvoolaSsappuleolwokuba mukyala Lubega yabagamba nti gye yeesiga.

- Akkiririza nnyo mu ddogo kubanga mu kifoky'okugunjula abaana be nga mukyala Lubega bwe yakola yasalawo kwebuuza ddagala gy'aliggya.
- Yeetondabw'aba akoze ensobi okugeza yasobola okwetonderaab'enju ya Lubega olw'okuttaekyamaky'omwanawabwe.
- Mufumbo era yafumbirwa Mwami Tabula ng' alina n'abaana.

**MPOZA**

Ono ye mwami eyasembeza Ssaamu oluvannyuma lw'okugobwa ewa Bbunga

Ssaamu oluvannyuma.azimbiddwa bwati.

- Mukozi kubanga ewaka we yalina ebisolo era ewuwe baali bakozi
- Wakisa anti yasobola okusembeza Ssaamu n'amuyisa bulungi.
- Mwenkanya anti abaana be yabayisangakimu ne Ssaamu.
- muzzagganda anti bweyasembesa Ssaamu amuwa n'erinnyaly'ekika kye.

**BIKOMYE WANO**

**PLEASE PARENTS' BUY FOR YOUR CHILD THOSE NOVELS TO UNDERSTAND THE NOTES BETTER**